# EBIBUUZO N'OKUDDIBWAMU KWABYO

Olina eky'okubuulira? [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Nedda, ssebo."—Omuk.] Ate Ow'oluganda Beeler erudda awo? ["Ssimanyi oba alina."] Ow'oluganda Beeler, olinayo obubaka bw'oyinza okubuulira akawungeezi kano? [Ow'oluganda Beeler addamu nti, "Nedda, ssebo."] Obulago bwa—bwange bwasaakadde. Naye waliwo—waliwo ebibuuzo bye ssaakwatako. Kale bwe baba tebaa. . .Singa wabaddewo omu ku b'oluganda bano asobola okujja n'abuulira, nnandibadde musanyufu.

Kati, temusanyuka nnyo. Kino si. . .Bino bimu ku biremba eby'okusabirwa ebigenda mu Afirika. Bino byonna bya kusalibwako ebiremba ebisabiddwa, era bireeteddwa wano nga baagala mbisabire akawungeezi kano, nga kwogasse n'amabaasa agajjudde. Era nnalowoozezza nti bino byonna tujja kubiwongayo eri—eri Mukama omulundi gumu. Bino byonna bya kusalibwamu ebiremba eby'okunkulemberamu okugenda mu Afirika. Kati, musobola okuteebereza ebiremba bimeka eby'okusabirwa bye bagenda okukomola mu lugoye olumu olwenkana awo obunene, bijja kuba mu nkumi na nkumi. Luli Ow'oluganda Fred yaleeta obugoye lusanvu mu bbaasa entonotono eyenkana nga awo. Kati musobola okuteebereza luno—bumeka obunaava mu luno. Kale tuli. . .Mu kaseera, katono, tugenda kuba tubisabira.

2 Kati, obulago bwange bwasaakaddemukko, naye nnagamba nti nja kukomawo okubaako ebimu ku bibuuzo bino—bino bye nnyanukula mu ngeri esingayo obulungi gye nsobola. Era kati, bulijjo, buli lwe wabaawo okudda obuggya kuno, kubaako engeri y'okusiikuulwa gye kuleetawo. Kale njagala—nnalowoozezza nti ob'olyawo kino kiyinza okukitereeza obulungi eri ekkanisa akawungeezi kano, nga bwe mumanyi, kubanga oluusi ekintu kiyinza okwogerwa ekkanisa n'etakitegeera. Kale kati oweereddwa akakisa okuwandiika ekibuuzo kyo. Ŋŋenda kubasomera bye nnina; kibeere nti, bw'obaayo ne ky'olina kyonna ekiringa ekimu ku ebyo, oleme kukiwandiika.

Era kati ekimu ku byo kigamba nti: **Nkusaba onnyonnyole Abaruumi 7:25.**

N'ekirala: **Wagamba nti omuntu asobola okubeera okumpi ennyo ne Katonda n'atuuka okuba nti tayonoona.**

**Tuliba tufaanana tutya mu kuzuukira?**

**Ow'oluganda Branham, omuntu ateekwa kukola ki oluvannyuma lw'okugoberera ebiragiro byonna by'oyigirizza; n'ekirala, ofuna otya Omwoyo Omutukuvu?**

**Nkusaba onnyonnyole Abaebbulaniya 6:4 okigeraageranye n'Abaebbulaniya 10:26.**

N'ekirala: **Kitegeeza ki okuteekerwateekerwa nga n'ensi tennatondebwa; era wa mu Bayibuli w'oyinza okukisanga?**

3 Ne Mwannyinaffe Mc-. . . Nedda, ekyo—ekyo kyetaago kya kusabirwa.

4 Kaakati, ebyo by'ebibuuzo byaffe bye tulina akawungeezi kano. Kale, bw'obaayo n'ekirala nga bwe tukyayogera nga tetunnabitandikako, osobola okukireeta, era tujja kugezaako . . . Kati, bwe wabaawo ekibuuzo kyonna ekkanisa ky'erowoozaako ekikwata ku kintu kyonna kye—kye tulina, ddala twandyagadde o—okubeera nga—nga tukuyamba mu ngeri esingayo obulungi gye tumanyi. Okiraba?

5 Era njagala bulijjo mujjukire nti kye njogera wano, sigamba nti ekyo ge Mazima ag'enkomeredde. Naye ge Mazima g'ensonga eyo agasingayo ge mmanyi. Nsobola—nsobola okuba omukyamu nga omuntu omulala afa yenna, naye ngezaako, Ow'oluganda Jackson—ngezaako okukinnyonnyola mu ngeri gye ndowooza nti y'entuufu (okiraba?), engeri gye nkirabamu, Ow'oluganda Mike, mu Bayibuli, si . . . Kale bwe mba nsoma ku bintu bino, sibiggya mu kifo kimu kyokka. Nze—nzirayo ne nkiggya mu Lubereberye, ne nzija nga nkirondoola okutuukira ddala mu Kubikkulirwa, okuyita mu Bayibuli yonna.

6 Era kati, osobola ne—n'okuggya nga olondoola ensonga eyo. Naye, ensonga eyo bw'etakwatagana na bitabo ebirala ebigirimu, bw'etakwatagana na Byawandiikibwa ebirala, kitegeeza mu buli ngeri ensonga eyo nkyamu. Bw'oba nga olina awantu wonna w'ogijje mu byawandiikibwa, erina oku—erina okukwatagana n'Ebyawandiikibwa ebirala byonna. Mukiraba? Era Ebyawandiikibwa byonna bijja kukwatagana bwe Bikwanaganyizibwa mu ngeri entuufu, singa . . . Biringa obutundutundu bw'akakunizo. Kati sitegeeza . . . Kye njogera bwe kiba kikyamu, nsaba Katonda ansonyiwe. Ebyawandiikibwa kintu ekigeraageranyizibwa n'obutundutundu bw'akakunizo. Mukiraba? Kubanga . . . Obutundutundu obwo bwonna bwawulwayawulwamu ne butabikibwa ne buteekebwa mu kibookisi, era kibeera kyetaagisa Omwoyo Omutukuvu okubugatta awamu. Mukiraba? Era—era tetusobola kukikola. Kaakati, Ebyawandiikibwa tebiriiko nzivuunula lwenda mu nkaaga mu mwenda ez'enjawulo, kubanga Bayibuli egamba nti Ebyawandiikibwa tebirina nzivuunula ya muntu yenna ku bubwe. Biri nga bwe Byawandiikibwa. Tubikkiriza bukkiriza nga Bwe . . . (Weebale, Ow'oluganda Pat.) Tu . . . Biri nga bwe Bya—

bwe Byawandiikibwa mu Bayibuli; eyo y’engeri gye tulina okubitwalamu, bwe tutyo. Kale bwe tugezaako okubireetera okubaako ne kye byogera wano eno, kitegeeza, bwe binaatuuka wano Tebijja kwogera kintu kye kimu. Mukiraba, bwe tu—bwe tuteeka. . . Olina okuleka Ebyawandiikibwa ne Byeyanukula wano, ne Byeyanukula wano, ne Byeyanukula ne wano, n’oleka buli kimu ne kituulira ddala mu kifo kya Kyo okubireetera okukwatagana awamu.

7 Era kati, nabadde ndowooza nti ob’olyawo. . . Akawungeezi ka leero nnabadde wa kubuulira era nnagamba nja kubuulira ku ky’okuyigako ekigamba nti, *Twalaba Emmunyeenye Ye Ebuvanjuba, era Tuzze Okumusinza;* naye kati, sirina bulungi ddoboozi, kukibuulirako. Lumu nnali nfa ebbugumu wano ekiro kimu ne nfuluma wabweru. Era we nnatuukira mu mmotoka nnali mpulira nga ebbugumu linzita, ne ngikoleerezaawo. Ne nzisa wansi ekirawuli ky’eddirisa ne ŋŋenda eka. Kati—ekyo ndowooza kyaliwo ku Lwakuna ekiro oba ku Lwakutaano. Ekiro kyennyini ekyaddako, natandika okufuna—olunaku olwaddako—natandika okusaakaala, nga nninga. . . Ha, kyali. . . nga siri—siri mulwadde, sirina musujja, sirina bulwadde bwonna, sirina sennyiga; naye obeera nga—nga azibikidde emimiro olw’okwogera ne—n’okugikosa olw’okubuulira ennyo, era ekyo—ekyo ne kikuviirako okubeera nga alina sennyiga. Naye gijja—gijja kutereera mu lunaku olulala nga lumu oba bbiri, ob’olyawo ku Ssande ginaaba giteredde. Nsobola okukomawo ne nziramu ne nnyamba ku W’oluganda. Bw’anaaba amalirizza okubuulira kwe, nja kunoonyanoonya ndabe oba wanaabaawo ebinaaba bikyasigaddewo by’atabuuliddeeko.

8 Era kati—era kati njagala ekkanisa yonna efune Omwoyo Omutukuvu. Kati, muka mwana wange atudde wano. Kati kino sikyogera lwakuba muka mwana wange, sikyogera lwakuba ali wano, y’omu ku bawala abasinga obulungi be mmanyi; muwala mulungi nnyo, Loyce. Era yava mu bintu ebizibu ennyo ddala okuva mu mbeera mwe yakulira, nga ava mu maka agaali gatasinza Katonda n’ebirala bwe bityo. Bambi omwana oyo mmukwatirwa ekisa, okuyita mu mbeera bw’etyo gye yayitamu. Naye kati, anoonya Mwoyo Mutukuvu, era asiibye n’atuuka n’okuba nga takyasobola na kuyimirira, nga asiiba era nga asaba okufuna Omwoyo Omutukuvu.

9 Mwannyinaze, Delores, yaŋŋamba nti, “Bill, nze nnali. . . Ekkanisa bwe yali—bwe waaliwo amaanyi mu kkanisa,” n’agamba nti, “Nnali mpulira nsobola n’okubuuka. Naye ate, buli muntu—Omwoyo Omutukuvu bwe yatandika okukka ku bantu,” n’agamba nti, “Nnasigala ntudde butuuzi awo nneetegereza bigenda mu maaso.” Mukiraba? Kale, mukiraba, era ekibuuzo ekyo mwekiri mu biri wano akawungeezi kano, ekikwata ku nsonga eyo. Kale nnalowoozezza nti ob’olyawo ekyo kiyinza okuyamba ekkanisa—n’esobola okufuna. Naye

kati, ssandyagadde kukozesa lukuŋŋaana lwa Lwakusatu akawungeezi kulutaataaganya kubeera na kintu bwe kityo, naye njagala—njagala nkakase nti ekkanisa etegeera bulungi ebintu bino (mukiraba?), nga . . .

10 Era nnina omusawo omu gwe nnali njogera naye wano ku Ssande, yeetoloola n'ajja emabega w'ekkanisa wano eno e—emabega wano emabega w'ekkanisa. Yali musawo wa bya bulamu. Yali avuze okuviira ddala mu (kkozi ekitebe ekikulu ekya ba Assembly of God kiri ludda? Mu . . .) Springfield, Missouri, n'ajja okwetaba mu lukuŋŋaana olwo.

Yaŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham . . . " (Kati oyo muntu aviira ddala ku kitebe ekikulu eky'aba Assemblies.) N'agamba nti, "Ekyo mbaddenga nkyebuuza obulamu bwange bwonna." N'agamba nti, "Guno gwe mulundi gwe nsookedde ddala okufuna okwanukulwa ku nsonga eyo mu bulamu bwange." Yagamba . . . Yansisinkana mabega eyo mu kasenge, gye nnali ntudde, omusawo ow'eby'obulamu.

11 Era—era kati, Ow'oluganda Mercier n'Ow'oluganda Gene Goad abali emabega wali n'obuuma obukwata amaloboozi . . . Kati kaakano, Ow'oluganda Mercier yaakava okugamba nti ekisinga obukulu mu lukuŋŋaana yakifunira awo we—we twannyonnyolera butya—butya Omwoyo Omutukuvu oyo bwe yakka mu lukuŋŋaana ne—ne Yeegabanyaamu, nga Katonda yeegabanyaamu mu bantu Be . . . Kaakati, ekyo kyennyini ky'Akola. Era kati, abantu ba Katonda bwe batandika okuddamu okujja awamu ne beegatta, wabaawo obumu, wabaawo amaanyi. Mukiraba? Era omulundi abantu ba Katonda lwe balyegatta awamu mu bujjuvu, nzikiriza mu kiseera ekyo okuzuukira kulibaawo. Walibaawo ekiseera eky'okukwakkulibwa Omwoyo Omutukuvu bw'alitandika okubakuŋŋaanya awamu. Weewaawo, ba—baliba batono nnyo, naye walibaawo okukuŋŋaanyizibwa awamu okw'amaanyi.

12 Kaakati, obugoye buno obw'okusabirwa bwasindikiddwa, ab'*Eddoboozi ery'Okuwonyezebwa* . . . Era amangu ddala, ku lusooka omwaka, Mukama bw'anaaba ayagadde, nja—nja kugenda mu Kingston, Jamaica, ŋŋende mu Haiti, ate bwe nnaava eyo . . . O—omukulembeze w'eggwanga lya Haiti yampeereza ebbaluwa empita, ne bansuubiza okumpa abajaasi baabwe bonna okumpa obukuumi. Balinayo okwegugunga mu ggwanga lyabwe. Era ky'ayagala, ayagala tugendeyo n'obuweereza obw'ekika kino, bwe yawulira obwaliko mu—mu San Juan omwaka oguwedde bwe twaliyo. Agamba nti alowooza ekyo ky'ekintu kyokka ekinaasobola okutaasa eggwanga lye. Mukiraba?

13 Kaakati, wano bwe mba nninawo mukwano gwange Omukatoliki atudde wano, kino sikyogera ku—kukutyoboola oba ekintu kyonna; ogwo si gwe mwoyo mwe nkyogerera.

Naye ekereziya Katolika egezaako kuwamba Haiti (okiraba?); era ekintu kyokka ekinaagitaasa n'etawambibwa, kujja kuba kuyuuguumizibwa okw'okudda obuggya, okuva ku ludda oluwakanya Obukatuliki mu kaseera kano. Mukiraba? Era ekyo kyali kirungi nnyo, era nnakisiima. Kale kati nnamugamba, nti kati mu wiiki ya Ssekukkulu n'ennaku entonotono eziddako, oluvannyuma lw'enkya, tujja kubeera mu kusiiba n'okusaba, tulabe Mukama bw'anaatukulembera.

14 Kati waliwo ne South America. . .Era, mpulira nga ddala nnuŋŋnamizibwa okugenda mu—mu Norway. Mpulira nga ddala nnuŋŋnamizibwa okugenda mu Norway omwaka guno, wamu, ne mu Afirika. Kati olugoye luno lwa—lugenda kusalibwamu obuwero obutonotono busindikibwe mu Afirika nga enkuŋŋaana tezinnabaawo. Kati ekyo kiraga bantu bameka. . .Kati musobola okulaba omuwendo gw'abantu abasaba okuweerezebwa obugoye obusabiddwa bwe bawulira nti ogenda kugendayo, mukiraba, nga—nga beesunga okuddamu okukusisinkana. Kati buno nabwo bugoye obusaliddwa okubeera nga buweerezebwa eri—eri abantu ab'enjawulo.

15 Kale wamu n'Ekkanisa ya Katonda Omulamu eno ey'amaanyi, leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera. Era buli omu ku mmwe mu ngeri yo, saba Katonda ateeke amafuta ku bugoye buno. Kati, okusooka njuliza Ekyawandiikibwa ekigamba nti, "Ne batwalanga ebiremba n'engoye okuva ku mubiri gwa Pawulo, ne babiteeka ku balwadde, emyoyo emibi ne giva mu bantu, n'okunyigirizibwa; ne bawonyezebwa."

16 Ayi Mukama, ku kituuti kino ekibadde wano okumala emyaka gino gyonna, n'engeri gy'Otuwadde ennyo omukisa, ne—n'Enjiri gy'ebuuliddwa entakera okuva mu kituuti kino, ne. . .Ekituuti kino singa kyalina amaaso nga kisobola okulaba oba nga kisobola okwogera, kyandittottodde ebikumi n'ebikumi by'ebyamagero eby'amaanyi ebikoleddwa mu maaso gaakyo: eby'abaaziŋŋama, eby'abalema, eby'abazibe b'amaaso, eby'abalwadde ba kookolo. Era amaanyi ga Katonda Omulamu galabisiddwa mu kazimbe kano. Era ayi Kitaffe Katonda, tukwebaza nnyo olw'ebintu bino byonna.

17 Era kaakano, ekkanisa ekuŋŋaanye wamu akawungeezi kano okukusinza. Tuzze o—okwanukula ebibuuzo ebibuuziddwa. Mu bwesimbu ebibuuzo bino bibobbya abantu emitima. Ate nga tukimanyi, ayi Mukama, nti bwe wabaawo ekintu kyonna ekitubobbya omutwe, tetuyinza n'akatono kuba na kukkiriza, nga waliwo ekibuuzo kyonna. N'olwekyo tetwagala kubeera na kibuuzo kyonna kye twewuunaganyaako.

18 Ayi Mukama, tulaba obwetaavu obw'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu mu bantu baffe ne mu kkanisa eno. Era te—tetwagala babeere na kibuuzo kyonna kye beewuunaganyaako mu birowoozo byabwe. Twagala byonna

bigonjoolwe, basobole okutegeera ky'Ali nga Azze, era bategeere nti Waabwe.

19 Era ate, n'emitala w'amayanja, munda eyo mu bibira eŋŋoma gye zivugira, nga abalwadde b'ebigenge bali awo bagalamidde mu—wansi w'emiti, nga bwe banyookako ensowera, nga—nga amagulu gaabwe gaalibwa n'amatu gaabwe gaalibwa n'obwenyi bwabwe bwaliibwa, ebigenge. Nga bavaamu ekivundu eky'amaanyi, ayi Mukama, nga toyinza na kubasemberera ku kizimbe ekibaliraanye. N'abaana abato abali mu nnaku abatalina kya kulya, abatalina ngoye... Naye banjagala, ayi Mukama. Era ba—bakkiriza obuweereza, Amaanyi ga Katonda Omulamu bwe gaawonya bangi ku bo. Era sifunanga kuwummula mu mwoyo gwange okuva ku lunaku lwe nnava mu Afirika, nga mmanyi nti abantu bo abaavu, abaggwaamu essuubi bali mu mbeera eyo eyennyamiza, era nga babeera mu mbeera ez'okulaamiriza abaafa. Nga omusamize, akutte amagumba g'abantu bw'agakuba, nga akoowoola ba lubaale, era ha, nga—nga kifo ekyennyamiza, ne ndowooza, ne ku mbeera ya wano mu Amerika, awali amakanisa agalabika obulungi n'ebifo eby'amaanyi. Era, ayi Katonda, n'okukimanya nti abantu abo bambi abalina obwetaavu obutagambika, naye n'obalaba nga bajja mu lukuŋŋaana, ne bagalamira buli omu ku munne, bangi ne batuuka n'okufiira awo we bagalamidde, nga bagezaako okuwulirayo ebigambo ebitonotono okuva eri omuntu gwe bagambye nti akumanyi. Kaakano emitima gyabwe gitandise okusituka, ayi Mukama, kasookedde Bubaka n'amabaluwa bitandika kubuna Afirika. Era kirabikanga, omuliro, ogutandise okuddamu okukumibwa.

20 Era ekkanisa Yo ennene eri eyo, eyali ekkanisa ey'amaanyi, n'ekutulwamu ebiwayi, ayi Katonda, ne yeeyawulamu ekiwayi ekimu ne kitwalibwa oludda olw'emikolo obukolo, naye—naye abalala ne basigala nga bakyagezaako okunywerera ku Mazima n'Omwoyo. Era kati, kaakano enkumi n'enkumi baweereza okusaba kwabwe; baagala obugoye obusabiddwa bwe—bwe nsabidde bubaweerezebwe mu bwangu ddala. Ne mu mabaasa gano wano mulimu—mulimu ebyetaago eby'okusabira, eby'ebitereke ebigenda eri abalina ebyetaago eby'enjawulo. Ayi, Katonda ow'Eggulu eyakola eggulu n'ensi, nkusaba, ayi Mukama, mu Linnya lya Yesu Otukuze buli kawuzi akakola engoye zino. Era nsaba Omwoyo Wo Omutukuvu agendere ku buli kawuzi ak'engoye ezo, ayi Mukama. Era bwe zinaateekebwa ku balwadde n'abanyigirizibwa, nsaba emyoyo emibi gibaamuke.

21 Bwe ndowooza ku bibira ebyo engoye zino gye zinaagenda, ezisinga obungi ku zo, eyo gye ba—gye basinza ne ssetaani. Nkusaba, ayi Katonda, aleme kuba na kaagaanya konna w'ayimirira, ayabulire ensiisira ezo, abantu bategeere Mukama waffe Yesu. Kikkirize, ayi Mukama. Nsaba endwadde ezibaluma

ziwonyezebwe, emitawaana gye balina gigonjoolwe, emmeeme zaabwe zirokolebwe, n'Amaanyi ga Katonda gabeere n'enkizo. Kikkirize, ayi Kitaffe. Tusindika buli kamu ku buwizi obukola obugoye buno nga olugoye lumu. Munda muno mujjuddemu ennimi z'omuliro entonotono akawungeezi kano, ayi Mukama, era ffenna wamu tuweereza essaala zaffe gy'Oli ku lw'ensonga eno, nga tusaba okuwonyezebwa kwa buli muntu obugoye buno gwe bunaakomako. Mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

22 Kaakati, ab'emabega eyo mumpulira bulungi akawungeezi kano, abali emabega eri awasemba? Ekyo kirungi. Ndowooza tujja kusanyuka nnyo bwe tunaafuna ekkanisa endala wano, kubanga obuntu buno obuleebeeta, busalako eddoboozi lyo ne mubeera—ne mubeera nga temuliwulira bulungi.

23 Kati, nkimanyi bulungi nti akawungeezi kano nate era, ŋŋenda ku—ŋŋenda kukwata ku. . . Ow'oluganda Wood, nga sinnakyerabira, akatambaala ako nkalina. Si ggwe wampa akatambaala mbeeko gwe nkawa? Oba teyali ggwe? Waliwo eyampa akatambaala nkateeke mu nsawo y'olugoye lwe nnyambala, naye mbadde nako okuva ku olwo, mu lukuŋŋaana. Simanyi yali ani. Mbadde ndowooza ggwe waŋŋamba nti, "Kano katereke mu nsawo yo kaliko nnyiniko." Waliwo. . . [Ow'oluganda Neville ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] Bwe kityo bwe kyali? Ow'oluganda Jackson, olina akatambaala k'omuntu omu ke walina? Kati nno ke kano. Kale. Kano. . . Yee, ssebo. Kale, kano kajja kubeera wano eno, Ow'oluganda Jackson, bw'onaaba okeetaaze. Era kati, mmanyi waliwo eyakampa, n'aŋŋamba nti, "Katereke mu nsawo yo." Nange, ne nkateeka mu kkooti yange naye ate ne nkeerabira.

24 Kati, eri. . . Kaakati, Mukama bw'anaaba ayagadde, nga n'eddoboozi lyange literedde bulungi, ku Ssande ku makya oba ku Ssande akawungeezi, ekimu ku bibiri, Mukama bw'anaaba ayagadde, njagala mbuulire obubaka bwa Ssekukkulu bwe nnabategekedde obugamba nti: *A—Akabonero Akatabuusibwabuusibwa*. Mukiraba? Nkyali. . . Nnakikoonako ku Ssande ku makya, naye ate, ne wabaawo ekyali kibugujja mu mutima gwange. Ne ŋŋenda buziba nnyo n'obubaka ne ssisobola kuddamu kukikwatako. Kale nja—njagala nkikwateko ku Ssande ku makya, Mukama bw'anaaba ayagadde, oba ku Ssande akawungeezi, ekimu ku bibiri. Kale nze n'Ow'oluganda Neville tunaalaba eky'okukola ku kiseera ekyo.

25 Kaakati, nga Ow'oluganda Neville bw'agambye, nange njagala okubasiima buli omu ku mmwe olw'okutwagaliza Ssekukkulu ey'essanyu, kaadi ze mutusindikidde. Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Spencer, kaadi yammwe nnagifuna. N'abalala ab'enjawulo abali wano abaweerezza kkaadi zammwe ez'enjawulo, okuva mu bifo eby'enjawulo, Kaadi ezo nzisiima nnyo nnyini n'ebirabo n'ebintu ebitali bimu bye muweerezza. Mazima ddala tubisiima. Okuva—okuva ewa mukyala wange,

nange, ne—ffenna—n'abaana, tubeebaza. Naffe twandyagadde okubaako ekirabo kya Ssekukkulu kye tuweereza buli muntu, naye ekyo mazima ddala kizibu nnyo eri omubuulizi okukikola, si bwe kiri? Oba kale, okubakyalirako mwenna mwenna, eky'amazima ekyo nakyo sikisobola. Mukiraba? Nni. . . Naye nnandyagadde waakiri mbeeko ne kye mpa, buli omu, ku baana abato. Mazima nnandyagadde okukikola, naye si . . . Ekyo abaweereza tebasobola kukikola. Mukiraba? Abantu bangi nnyo b'obeera olina okugulira ebirabo. Naye ffenna, nkakasa, nze kennyini wamu n'abalala, fenna tusiima ebibiina byaffe. Ekimu ku bintu ebikulu bye ndowooza bye mukoze, kwe kwagala kwammwe n'okukkiriza kwammwe okutafa kwe muntaddemu nga omusumba wammwe—omu ku basumba bammwe wano, era—omwaka guno.

26 Ow'oluganda Neville, ekyo naawe kigenda gy'oli, muganda wange omwagalwa. N'omwoyo omulungi Ow'oluganda Neville gw'ayolesezza bulijjo, nga aŋŋamba nti, "Jangu obuulire, Ow'oluganda Branham; ekituuti kiikyo, buulira. Katonda atenderezebwe, nze ka ntuule mpulirize." Ekyo—ekyo nkyagala nnyo. Njagala—njagala nnyo enkola eyo ey'obwetoowaze, etali ya kweyagaliza, Ow'oluganda Neville gy'alina.

27 N'okukkiriza kwammwe mwenna, era. . . Ekintu kimu ekirungi kye musobola okunkolera, kwe kunsabira. Kati, ŋŋenda kubeera n'enkuŋŋaana mu bifo eby'enjawulo nga enteekateeka ennene tennatandika. Kati, zi—zigenda kubeera mu bitundu ebyetoolodde wano, ndowooza, emmanga mu Glasgow, Kentucky, ndibaayo n'akawungeezi ak'olukuŋŋaana. Ob'olyawo ne mu Campbellsville, Kentucky, nayo mbeereyo n'olukuŋŋaana olw'akawungeezi. Ne—ne mu kifo ekirala engulu eri mu Kentucky, ndowooza kiyitibwa, Willow Shade, nayo mbeereyo n'olukuŋŋaana olw'akawungeezi. Kuba. . . Kale zijja kubeera bwe zityo, nja kubategeeza amangu ddala nga tumalirizza okulambika enteekateeka yaazo bwe zinaatambula, enkuŋŋaana ezo ezigenda okubaawo, ez'okubeera mu bifo eby'enjawulo ebyesudde, okutuusa lwe nnaddayo mu kubuulira okw'ebweru okw'okutalaaga ebifo eby'enjawulo.

28 Naye ekiro kya luli nnaddamu ne nneewaayo bupya eri Katonda. Era olw'obuyambi bwa Katonda n'ekisa kya Katonda mmaliridde okusigala ku mulimu okutuusa lwe ndifa. Mukiraba? Ekyo nakikola emyaka nga amakumi asatu egiyise. Era mbadde mu. . . Naye oluusi ntuuka ne nkoowa nnyo, ne ntendewalirwa. Ntuuka mu mbeera we mpulira nga sikyasobola kweyongerayo. Mukiraba, mwe bye mulabako bye bino byokka ebya wano. Naye te—temumanyi kibeera bweru eyo, n'emitala eri, ssaako na wano. Ate—ate nga ebyo tebiri mu kibuga kimu kyokka, nedda; tebiri mu ssaza limu, nedda; tebiri mu Amerika wokka; naye mu nsi yonna (mukiraba?), okwetooloola ensi yonna. Mukiraba? Era ba—bayitirivu obungi, ndowooza, we njogerera akawungeezi

kano abantu be nnaakasisinkana, be nsisinkanye manya be nnaakakwatagana nabo, tebali mu nkumi na nkumi zokka, wabula bali mu bukadde na bukadde. Mukiraba? Kale muyinza okuwuniikirira singa mumanya bameka ku abo ababeera abalwadde. Mukiraba? Era babeera bakuyita; eky'amazima kikuteekako akazito ak'amaanyi.

29 Kale nsiima essaala zammwe zonna. Era olw'obuyambi bwa Katonda n'ekisa kye, buli omu ku mmwe mmwagaliza Ssekukkulu ennungi ennyo ey'Essanyu. Mujjukire enjogera yange nti, kino si kya Faaza Kkulisimasi, kino kya Yesu. Mukiraba? *Ssekukkulu* etegeeza "Kristo." Era akawungeezi ka jjo twabadde tuvuga, nga bwe tugenda tulaga abaana ennyumba zonna nga bwe zitimbiddwa na buli kimu, nga weewaawo kirungi nnyo. Naye nnalowoozezza nti, singa mbadde—wa kubaako kintu kyonna kye mpandiika, ne nkitimba ku nnyumba yange, nnandigitimbyeko ebigambo ebyaka ebigamba nti: *Nzikiriza Nga Kristo Anaabeera Mu Ssekukkulu Yo*. Bwe kiri. Mukomyewo Kristo mu Ssekukkulu.

30 Kaakano, ayi Kitaffe Katonda, kaakano tuyingira mu bibuuzo. Tujja n'obwesimbu ddala, obw'ekitalo. Era—era abantu bano ab'omuwendo, ayi Mukama, baleese ebibuuzo bino era—bye balina ku mitima gyabwe, era weesanga waliwo n'ebirala bingi ebiri mu kizimbe kino; nga baagala okumanya kiki kyennyini kye baba bakola. Era ayi Kitaffe, nze—sirina bwe nnyinza kutuula mu kifo Kyo, naye nkusaba Onyambe ntegeere Ekigambo Kyo, Kisobole okuvaamu omugabo ogumatiza eri buli kibuuzo. Kino kye tuva tukireka mu mikono Gyo, era nga tukisaba mu Linnya Lyo. Amiina.

31 Kaakati, ekibuuzo ky'Ow'oluganda Pat kino wano, kibuuzo kirungi nnyo nnyo ddala. Ndowooza ku ekyo kwennyini kwe ŋŋenda okutandikira, Ow'oluganda Pat. Kati, bwe wabaawo omuntu yenna ku mmwe alina ekibuuzo, kiwandiike okiteeke wano eno, oba—oba Ow'oluganda Pat ajja kukuleetera olupapula bw'oba tolina lupapula; oba nnaaba musanyufu okukola ekisingayo kye nsobola okukyanukula.

Kaakati, kino ddala kibuuzo eky'ensonga, Ow'oluganda Pat. Kino kiwulikika nga ekisesa, naye kibuuzo.

**101. Emyoyo egyayingira mu mbizzi kati giri ludda wa? Emyoyo egyayingira mu ggana ly'embizzi liri ku olwo Yesu lwe yagigoba okuva mu mulalu giri ludda wa?**

32 Kati, Ow'oluganda Pat, okusinziira ku kye mmanyi . . . Kati, okusookera ddala tugenda kutandika na kutegeera mizimu bwe gikola. Kati, okutegeera emizimu bwe gikola kintu kigazi nnyo. (Kaakati, wabeewo abamu ku mmwe abeetegereza essaawa era temunzikiriza okutwala ekiseera ekiwanvu ennyo ku kibuuzo kimu.) Naye amaanyi g'emizimu ago, emyoyo egyo mu kusooka gyali mu musajja eyali ayitibwa Liigyoni. Si bwe kiri? Era

kubanga erinnya lye yali ayitibwa Liigyoni, kubanga *Liigyoni* mu Lwebbulaniya kitegeeza “bangi.” Mukiraba? Gyali emyoyo mingi.

33 Era emyoyo egyo egyali mu musajja oyo omwagalwa gyali gyamusuula eddalu. Era bwe wabaawo omuntu yenna eyali alabye omuntu omulalu oba eyali abaddeko naye, emirundi egisinga obungi abeera n’amaanyi mangi nnyo okusinga ku maanyi ge—ge—ge, kubanga abeera ajjudde nnyo ssetaani. Bw’oba wali obaddeko awali o—omuntu agudde eddalu, ha, okumukwata kiba kyetaagisa abasajja abawererako ddala. Era abeera akubisaamu amaanyi gaabwe emirundi nga ebiri oba esatu.

34 Kaakati, omuntu bw’abeera mulema Omwoyo Omutukuvu n’amukomako, ssetaani bw’aba alina amaanyi agenkana awo agasobola okuleetera omuntu okubeera n’amaanyi agakubisaamu amaanyi ge ag’obuntu emirundi nga esatu oba ena, olwo maanyi genkana wa Katonda g’ayinza okussa mu muntu? Mukiraba? Ago ge gamukkako ne gamusobozesa okutambula mu maanyi ga Katonda, nga amaze emyaka n’emyaka nga yagongobala. Amagumba ge ne geegolola; n’emikono gye ne gyegolola; n’atambula, nga omuvubuka omuggya, kubanga abeera akkiddwaako amaanyi ag’Omwoyo Omutukuvu.

35 Kaakati, emyoyo gino gyali mibi nnyo okutuusa nti omusajja ono baamusibanga enjegere, n’azikutula. Era baagamba nti yazimenyaamenya. Era tewaaliwo—tewaaliwo kintu kyonna kyali kiyinza kumusiba. Ddala yali mu mbeera mbi nnyo ddala, kubanga yalimu liigyoni y’emizimu. Kale kati, bwe ya . . . Yesu bwe yasomoka n’ajja e Gadara n’atambula n’ayita awaali entaana . . . Era yali mubi nnyo, si omusajja nga ye (mukiraba?), omusajja nga ye teyaliiko kabi konna.

36 Omuntu oyo si y’abaako obuzibu. Bw’olaba omuntu bw’atyo, tolowoozanga nti omuntu oyo y’aliko obuzibu; abeera ssetaani ali mu muntu oyo.

Kati, omulalu oli eyalinnya ekituuti ekiro ekyo, yali agenda kunzita, eri mu Oregon. Omusajja oyo, na—bwe yannumba, mu kifo ky’o . . . yajja aswakidde nga bw’anfujjira amalusu mu maaso n’okumpita “munnanfuusi ow’enkwe” mu maaso g’abantu kyenkana omutwalo mulamba, kaakati, teyali ye, teyali musajja oyo. Kubanga oyo musajja alya, n’anywa, ne yeebaka, weesanga alina n’amaka, era alina okwagala, nga—nga nange bwendi oba ggwe bw’oli. Naye ssetaani oyo eyamulimu ye yali abikola. Mukiraba?

37 Ate toyinza kugoba ssetaani na mutima mubi. Ekyo okukikola olina okuba n’okwagala. Era okwagala ge maanyi agasingayo obukulu mu nsi yonna. Kati, bwe weetegereza obulungi, ssetaani bulijjo bukyayi. Obukyayi bwa ssetaani. Era

abantu bwe babaako omuntu gwe bakyawa, mujjukire nti, oyo abeera ssetaani omubi ennyo okunyooma oba okukyawa omuntu. Tolina kukikola.

38 Mujjukira nti e—e. . . Yesu yagamba mu kubuulira Kwe nti bwe musaba mugambe nti, "Kitaffe Ali mu Ggulu," . . . Era bwe Yakkirira wansi, n'Agamba nti, "Naye bwe mutaasonyiwenga buli muntu ebyonoono bye okuviira ddala mu mutima gwo, ne Kitammwe ow'omu Ggulu talibasonyiwa byonoono byammwe." Okiraba? Tolina kukikola.

39 Naye kati, ssetaani yamutondamu amaanyi ag'obukyayi (mukiraba?) adduke ajje awalampe ekituuti anzite, nga bw'otugeeraageranya ffembi, yali asobolera ddala okukikola, emirundi mingi n'okusinga. . . Yali asobola okunsitula, ob'olyawo, nga akozesa engalo ze ebbiri, n'aziroba mu musipi gwange bw'atyo n'ampanika waggulu, kubanga yali azitowa kkiro nga kikumi kkumi na munaana oba kikumi kkumi na mwenda; yali asukka mu ffuuti omukaaga n'ekitundu oba nga wa ffuuti musanvu obuwanvu, nga musajja munene muwagguufu. Ate yali. . . Yali yaakava okukuba omubuulizi ekikonde mu kkubo, n'amumenya essaabiro n'oluba, n'amutuusaako obuvune, ne bamutwala mu ddwaaliro. Yali akyayira ddala ababuulizi. Bwe yava eyo, n'ajja awalampa waggulu eyo okunzita. Mukiraba?

40 Kati, omusajja oyo yalimu egimu ku mizimu gino egyagobebwa ne gisindikibwa mu mbizzi e Gadara. Abamu ku bantu abo bambi abali wano mu malwaliro g'abalalu, abawuttula emitwe gyabwe ku byuma ebisabikiddwaako obufaliso, mu buduukulu obw'ebisenge ebisabikiddwaako obufaliso. Mujjukire nti, emizimu tegifa. Emizimu gisigala miramu, naye walibaawo ekiseera emizimu lwe girifa. Girisaanyizibwaawo ddala ne giggwaawo. Naye kati, weegiri miramu, era gikka ku bantu ne gibakoleramu okuva mu mulembe ogumu okudda mu mulala. Egimu giri mu nkula ya kookolo; emirala mu nkula ya nsimbu; emirala mu nkula ya kafuba. Giyingira mu mubiri, naye kiraga nti, tegiba na maanyi okutuusa nga giyingidde mu muntu. Girina kukolera mu muntu, ekituleeta ku kirowoozo ekirala, ekigamba nti Omwoyo Omutukuvu ye—abuutikidde ensi, naye kyenkana Talina ky'ayinza kukola okutuusa nga Ayingidde mu ggwe nange.

41 Katonda yeesigamye ku ggwe nange. Mukiraba? Omwoyo Omutukuvu. . . Ensi ejjudde Omwoyo wa Katonda, naye Yagifukumulwako. Naye Ta—Tasobola kukola okutuusa nga Ayingidde mu ffe, ffe abantu, okusobola okukola.

42 Naye ssetaani ayagala atuwambe y'aba atukozesa. N'olwekyo bw'afuna engeri ennyangu mw'ayitira, mu eyo mw'atandikira okuleeta ekibi. Singa asobola okumukuumira

mu kubeera obubeezi omuntu omutuukirivu kyokka, omuntu omulungi, n'amuleka n'agenda mu maaso n'agezaako okubeera omulungi bw'atyo; bw'asobola okumukuumira ku ekyo bw'atyo okutuusa lw'afa, ekyo kyokka ky'ayagala okukola. Abeera amulina, kubanga k'obeere mutuukirivu okwenkana wa, k'obeere mulungi okwenkana wa, k'obeere n'empisa ennungi ezenkana wa, k'obeere muyonjo otya, k'obeere mwesimbu otya, toliyingira Ggulu okutuusa nga ozaaliddwa omulundi ogw'okubiri. Bw'atyo Yesu bwe yagamba. N'olwekyo tewali... Ki...Oteekwa okuzaalibwa, olina okukyusibwa, ekitali ekyo tewali ngeri yonna gy'oliyingira mu Ggulu, oba oku—oba okugenda eri Kristo.

43 Kati, ninna kye nnayogedde akaseera katono emabega, ekiyinza okubaleetera ekibuuzo ekirala mu birowoozo byammwe, kye—kye njigirizza, era nga ekyo ky'ekikwata ku—ku...Nti sikkiriza nti waliyo...Sikkiriza nti Bayibuli eyigiriza nti waliyo ggeyeena ey'obutaggwaawo, eyaka omuliro. Tekiyigiriza, kubanga ggeyeena bw'ebeera ey'obutaggwaawo nga n'abantu abagendayo bajja kubonerezebwa okuyita mu butaggwaawo, engeri yokka gye bayinza okubonerezebwa okuyita mu butaggwaawo, balina okuba n'Obulamu Obutaggwaawo. Ate waliwo Obulamu Obutaggwaawo bwa ngeri emu yokka, era nga buli mu Katonda. Mukiraba? N'olwekyo balina okutuuka ekiseera ne basaanyizibwaawo ddala ne baggwaawo (mukiraba?); nga kitegeeza, nti ekitundu kyabwe eky'omubiri kisaanyizibwaawo ne kigweerawo ddala, n'ekitundu kyabwe eky'omwoyo ne kisaanyizibwaawo ne kigweerawo ddala. Okwo kwe kumalibwaawo ddala; obutasigala yadde akantu. "Obutabalekerawo kikolo yadde ettabi," Bayibuli bw'ekiyita. Basaanyizibwaawo ddala.

44 Kati n'ekirala, nsobola okukakasa nti mu Ggulu waliyo emitendera egy'enjawulo, nti bonna balibeera tebenkana, naye balibeera n'Obulamu Obutaggwaawo obwenkanankana. Naye Bayibuli egamba nti bakabaka b'ensi balireeta amakula gaabwe n'ettendo (Okubikkulirwa 22)—balireeta amakula gaabwe n'ettendo mu kibuga. Ekyo kikakasa nti mu nsi empya walibaayo bakabaka, bakabaka n'abafuzi. Yesu yagamba abayigirizwa Be...Baamubuuza nti, "Tulifuna ki ffe abaaleka ba kitaffe, ne ba nnyaffe, na buli kimu kyonna okukugoberera?"

45 N'abagamba nti, "Mazima mbagamba nti, mulituula ku ntebe ekkumi n'ebbiri, nga musalira omusango ebika ekkumi n'ebibiri ebya Isiraeri mu lunaku olwo." Mukiraba, nkola endala, nkola endala efaanana nga eri ku nsi egenda okujja eriba—eriba esukkulumye ekintu kyonna. Mu eyo enkola temuliba kibi, naye ate baliba n'abafuzi n'abalala aba buli ngeri mu bibuga, nga buli kimu kikolebwa mu nkola ey'Obulamu Obutaggwaawo.

46 Naye ababi balibonerezebwa olw'ebibi byabwe okusinziira ku bikolwa bye baakolera mu mubiri, oluvannyuma

basaanyizibweewo ddala obutasigala yadde akantu. Kaakati, ekyo mukijjukire. Mmwe abawandiika bye tuyigirizaako, ekyo mukijjukire.

47 Era mujjukirenga nti ŋŋambye, nti waliyo Obulamu Obutaggwaawo bwa ngeri emu yokka, era obwo bwe tunoonya; era Katonda yekka y'alina Obulamu Obutaggwaawo.

Tewaliiyo Bulamu Butaggwaawo bwa ngeri bbiri, waliwo Obulamu Obutaggwaawo bwa ngeri emu yokka, era obwo bwokka bwe bubeerera. Era mujjukire, kino nakyo mukiwandiike: Buli kintu kyonna ekyakolebwa, kirina lwe kyatandika, era kirina enkomerero. Buli kintu ekirina lwe kyatandika kirina enkomerero, era ekyo kyokka ekitalina lwe kyatandika kye kitalina nkomerero. Era waliwo ekintu kimu kyokka ekitalina lwe kyatandika, nga ye Katonda. Era eyo ye ngeri yokka gy'osobola okuvaayo mu kuzuukira, kwe kubeera n'Obulamu obwo Obutaggwaawo munda mu ggwe. Mukiraba? Eyo y'engeri yokka gy'oliyinza okukomawo, kwe kubeera n'ekintu ekitalina lwe kyatandika. N'olwekyo bwe muba mwafuna Omwoyo Omutukuvu, mu mmwe mulimu Obulamu obutalina lwe bwatandika era obutayinza kuggwaawo; era mulina Obulamu obwo mu mmwe, na bwe kityo mulina Obulamu Obutaggwaawo era muli baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. Mukiraba? Era temuyinza kufa nga Katonda bw'atayinza kufa, kubanga muli kitundu ku Katonda.

48 Ekibuuzo ekyo tukirina tujja kukituukako, weekiri wano, ekibuuza ku kuteekerwateekerwa, kikomawo ku kintu kye kimu ekyo. Oli kitundu ekyava ku Katonda; era Katonda bw'aba Yeegabanyaamu mu Mpagi y'Omuliro eri ennene, ennimi z'omuliro ezo entono ne zikka ne zituula ku buli omu ku bantu abo, nga ne leero Ekyakola ekintu kye kimu. Tusobola okukikakasa nga tukozesa obumanyirivu bwe tulina, okuyita mu njigiriza za Bayibuli, okuyita mu kunoonyereza kwa ssaayansi, ekifaananyi okulaga nti ekyo y'Empagi y'omuliro eri, nti Katonda Yeegabanyaamu n'atuula mu bantu Be. "Era kubanga Ndi mulamu, nammwe muli balamu," bwatyo Yesu bwe yagamba. Tetusobola kufa. Tewali kintu kiyitibwa kufa eri Omukristaayo; "Kubanga akkiriza Nze, newankubadde nga afudde, aliba mulamu: Na buli muntu omulamu anzikiriza Nze talifa." Mukiraba?

49 "Okufa," ekigambo *okufa* kitegeeza "okwawukanyizibwa." Kati, mu mubiri, twawukanyizibwa n'ekitundu kyaffe eky'omubiri, kubanga ekyo kisigala kikyali ku ludda lwa kibi, naye emyoyo gyaffe giri ku ludda lwa Katonda egitasobola kwawukanyizibwa na Katonda, kubanga tuli kitundu ku Katonda. Tuli—tuleeta. . .Tuzzibwaayo mu ndowooza ya Katonda eri. Buli kintu kyonna Katonda ky'akola kituukiridde era tekiggwaawo. Era ebirowoozo bya Katonda byennyini bwe byalowooza ku bwakabaka obw'abantu ab'okumusinza,

ebirowoozo ebyo byennyini byali bya butaggwaawo. Mukiraba? Tebisobola kusaanawo. Buli kigambo kya Katonda kyonna kya Butaggwaawo. Yesu yagamba nti, "Eggulu n'ensi biriggwaawo, byombiriri eggulu n'ensi biyinza okuggwaawo, naye ebigambo Byange tebiriggwaawo." Mukiraba? Bibeera ne Katonda emirembe egitaggwaawo. Era "Bwe mubeera mu Nze n'Ekigambo Kyange mu mmwe. . ." Mukiraba? Tufuuka kitundu ku Kigambo Kye, ekitundu ku Bulamu Bwe, kubanga tuli mubiri gwa mubiri Gwe, era ggumba lya ggumba Lye, era obulamu bw'Obulamu Bwe. Kitegeeza tetuyinza kuzikirira nga Katonda Mwene bw'atayinza kuzikirira. Ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'ategeeza.

50 Waliwo omuvubuka eyaakava wano aviira e Georgia, Ow'oluganda Evans. Atalaaze eggwanga lyonna. Era muvuggirizi wa maanyi owa mukwano gwange omulungi, Oral Roberts; era a—azze avuggirira pulogulaamu ze zonna eza ttivvi emmanga eyo, n'ebintu ebirala bingi by'akoze. Naye yayogera nange luli, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, nagenda ku ttendekero ly'Ow'oluganda Jagger. Ne ŋŋenda buli wamu wonna; nabeerayo okumala emyezi esatu. Nnali njigga; nagenda mu bifo eby'enjawulo, nga mu buli kimu ku bifo ebyo, nkwata okuyigiriza kwayo ne nkukomyawo ku kintu kye kimu. Naye nnalemwa okubaako ekifo we nfuna obukakafu bwonna (okiraba?), nnina kukola *kino*, oba nnina kukola *kiri*, era nnyinza kukola ki *wano*, ye ndi, oba siri," n'agamba, "okutuusa lwe nnawulira enjigiriza zo." N'agamba nti, "Era ezo zaamalawo okwewuunaganya kwangwe kwonna." "Kubanga omusinza bw'amala okuggyibwako ebibi bye abeera takyayaayaanira kwonoona nate." Abeera avudde mu kufa n'ayingira mu Bulamu, era abeera alina Obulamu Obutaggwaawo munda mu ye era tayinza kufa nga ne Katonda bw'atayinza kufa. Kyennyini Bayibuli ky'eyigiriza. Mukiraba? Abeera atebenkedde olubeerera, kubanga alina Obulamu Obutaggwaawo.

51 Kati, ekyo tekitegeeza nti osobola okwonoona n'omala gayinaayina, kubanga bw'oyonoona obonerezebwa olw'ebibi byo. Ekyo ddala bwe kiri. Naye kasita obeera n'Obulamu Obutaggwaawo munda mu ggwe, olibeera mulamu emirembe n'emirembe. Yesu yagamba nti, "Oyo awulira Ekigambo Kyange (enjiri y'Omutukuvu Yokaana 5:24)—oyo awulira ebigambo Byange, n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu Obutaggwaawo, era talijja mu musango, naye a—aba avudde mu kufa nga ayingidde mu Bulamu." Mukiraba? Bonna. . . "Tewali ayinza kujja gye Ndi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde okusooka; era abo bonna abajja gye Ndi, Ndi. . .Era abo bonna Kitange be yampa balijja gye Ndi." Bwe kiri. "Bonna be Yampa balijja, era tewali n'omu ku bo alibula. Ndibawa Obulamu Obutaggwaawo era ndibazuukiza mu nnaku

ez'oluvannyuma." (enjiri y'Omutukuvu Yokaana 6) O, nga bukakafu obw'omukisa. Mukiraba? Kati tolina kutambula nga otya okufa n'okwewuunaganya.

52 Katonda yatuwa obukakafu obutuukiridde nti tuli baana Be. Era nga abaana Be, Atugolola nga nange bwe ngolola abaana bange, nga nammwe bwe mugolola abaana bammwe. Bwe basobya, tubagolola. A—abaana bange bwe basobya, buvunaanyizibwa bwange nga taata okubagolola. Bwe kityo, n'abaana ba Katonda bwe basobya, buvunaanyizibwa Bwe nga Kitaffe, era Ajja kukugolola. Ekyo kijjukire, ojja kugololwa. Naye kasita obeera mwana We, ensi teyeetantala n'okukukwatako (bwe kiri!), kubanga Yagamba nti, "Kisingako n'osibibwa olubengo mu bulago n'osuulibwa mu buziba bw'ennyanja okusinga okuleeta ekyesittaza eri omu ku bato bano abanzikiririzaamu." Ddala bwe kiri. Omusango ogwo gugenda kuba gutya?

53 Kati, Ow'oluganda Pat, tukomyewo ku kibuuzo kyo. Emyoyo egyava mu musajja oli, egyali gyamusuula eddalu (okiraba?), gikola ekintu kye kimu ne leero mu bantu. Mukiraba? Gye myoyo gye gimu egyo, giri mu nkumi na nkumi. Era ssetaani akutandika mpola mpola mu bubba nga bw'otandiikiriza okusika ku njaga. Kiringa bwe giwamba akawala akato akasoma; ekisooka kye gikola kwe kukasendasenda okusika ku munwe gwa sigala. Mukiraba? Bwe kakikola kaba kawedde. Ekiddako kye gikola, nga gikaleetera okweyongera okwagala okunywa sigala. Okuva awo, okukakkana, nga kanywa njaga; era ekiva mu ekyo, nga kawambibwa omuze gwennyini ogw'okukozesa ebiragalalagala. Kiki ekiddirira? Ebiragalalagala nga bikasuula eddalu. Nga kagwa ddalu, nga ssetaani akawambye. Mukiraba?

54 N'olwekyo ssetaani yeekweka mu kunywa sigala. Eyo y'engeri ye ey'ekimpowooze. Kati, bw'akiraba nti ggwe oli mugezi nnyo era ekyo ojja kukyekengera, talikuganya kweyongera wala kusukka ku kunywa sigala. Okiraba? Kasita aba nga asobola okukukwatira awo ekiseera ekimala, okutuusa lw'alisobola okutwala, obulamu bwo lwe bulikuggyibwako, kubanga akimanyi tosobola kugenda okutuusa nga Katonda ayogedde. Naye ojja kuwulira okubuulira okw'enjawulo nga kubuulirwa, bubaka ku bubaka, nga buvumirira ekintu ekyo buli mulundi, n'okulabulwa okw'omuddiriŋŋanwa okukulabula okuva ku kintu ekyo; naye singa asobola okukuwugula n'akugya ku mulamwa n'obaako ekintu ekirala kw'ossa ebirowoozo byo, nga okubeera omuntu ow'ettutumu, oba n'akuleetera okubaako ne kyoteekwa okufuna, oba ekintu bwe kityo, awo akukuumira awo okutuusa lw'akumegga n'akuggyawo. Oba singa asobola okukuleka ne weegatta ku kkanisa n'ogamba nti, "Kati ŋŋenda kubeera muntu mulungi. Enneeyisa yange ŋŋenda kugikyusa. Ŋŋenda ku . . . Ŋŋenda—ŋŋenda kugenda ku kkanisa nneegatte ku kkanisa." Singa amala n'akukuumira ku

ekyo, ekyo kyokka ky'alina okukola. Abeera akulina, kubanga ggwe. . . Yesu yagamba nti, "Ddala, ddala (nga ekyo kitegeeza nti amazima gennyini, amazima gennyini), Mbagamba nti, omuntu bw'atazaalibwa mazzi na Mwwoyo, taliyinza kuyingira mu Bwakabaka."

Muleke mbeeko ne kye mbalaga. Nnina ow'oluganda gwe nabadde njogera naye olw'eggulo luno, Ow'oluganda Wood, bwe twabadde fenna mu lugendo, nga ndi eyo, ngezaako okuwummuza ebirowoozo byange, obutayogera nnyo okusobola okuwummuza eddoboozi lyange nsobole okubuulira akawungeezi ka leero.

55 Kaakati, mulabeeyo! Tugenda kubaako emmanga wano we tuserengeta tufuneyo empeke ya kasooli ennene obulungi. Y'empeke ya kasooli ennungi ddala esingayo mu ggwanga lyonna. Era ŋŋenda ku. . . Kati, oba mugiyita mpeke ya kasooli oba munwe gwa kasooli, kyonna kye mwagala okukiyita. Kasooli oyo nsobola—nsobola okumutwala wano mu Mwoleso gwa Clark County, ne mmuwangulirako liboni eya bbululu. Y'empeke ya kasooli esingayo obulungi, ye kasooli asingirayo ddala, okuba ow'omutindo ogwa waggulu ennyo. Nja kumuwangulirako liboni eya bbululu. Nja kumutwala emmanga mu Ssaza lya Floyd; mmutwale mu Ssaza lya Harrison. Nja kumutwala ku mutendera gw'esaza eddamba, mmutwale ne ku mutendera gw'eggwanga lyonna. Era ku buli mutendera ajja kuwangula liboni eyo eya bbululu. Y'empeke ya kasooli esinga okuba ey'omutindo ogwa waggulu ennyo. Era bannassaayansi nga bakozesa ebirawuli byabwe ebikebera, bajja kumukebera, bamwekkaanye, balabe nti. . . Alimu ekigero ekimala eky'ekirungo kya potashi, ekigero ekimala eky'ekirungo kya kalisiyamu, ne—n'ekigero ekimala eky'amazzi. Nga buli kigero ky'ekirungo ekiri mu mpeke ya kasooli eyo ky'ekyo kyennyini ekyetaagisa. Kati, oyinza okugamba nti, "Ŋŋenda kusimba empeke ya kasooli eno nfunemu empeke endala ey'omutindo." Era empeke eyo n'ogisimba mu ttaka. Okuggyako nga kasooli oyo, empeke eyo ey'omutindo, erimu akaweke ak'obulamu munda mu yo, ejja kubeera mu ttaka omwo evunde, era awo w'enaakoma. Terimeruka, k'ebeere ya mutindo gwa waggulu gutya. Te—terimeruka okutuusa nga efunye obulamu obuggya munda mu yo.

56 Era osobola okuddira omuntu. . . Kati, mu kino sigenderera kubaako nneewulira za muntu yenna ze nnumya, ndi. . . Tuli mu kkanisa, lino kkuŋŋaaniro lyange, era siriiko kinkugira. Mukiraba? Kati njagala mujjukire, nti mu kino, omuntu asobola okuba nga mulungi; asobola okusasula ekimu eky'ekkumi kye; asobola okuba omwesimbu; asobola okuyamba nnamwandu; asobola okuyamba mulekwa; asobola okubeera mmemba w'ekkanisa. Nga tewali kikyamu kyonna ky'oyinza kumuvunaana. Buli lwe wabaawo ekintu kyonna, akwata mu

nsawo ye, n'aggyayo ennusu esembayo gy'asigazza n'agiwaayo okuyamba abaavu. Ajja—ajja kuyimirira naawe mu buli mbeera yonna. Ajja kusigala mukwano gwo abasigadde bonna aba buli ngeri ne bwe banaakuyiwa ne bakwabulira n'ebirala ebiringa ebyo; naye omuntu oyo asigala akyali bweru wa Bwakabaka bwa Katonda okuggyako nga ajjuziddwa Omwoyo Omutukuvu, Obulamu Obutaggwaawo. Bwe kiri! Bwe kityo bwe kiri eky'ensonga ennyo.

57 Y'ensonga lwaki ngezaako okulaba nga ekkanisa yange kino ekiraba. Era nsa—nsaba muleme kulowooza nti ngezaako kwefuula amanyi ennyo. Nze—ngezaako kubategeeza nti ssetaani mulimba nnyo, nti mulimba nnyo okutuusa nti a—ajja kukuleetera okweyisa ng'Omukristaayo. Ajja kubaako ky'akola ageegeenye Kristo okutuukira ddala ku Balonde bennyini. Bayibuli egamba giriba gifaanagana nnyo. Ojja kubeera muntu mulungi. Ojja kubeera . . .

58 Kati mulabeeyo wano, leka mbeeko eby'okulabirako bye mbalaga mukakase. Twagala tukisimbire ddala mu Byawandiikibwa nga bwe twogera ku myoyo gino. Esawu yali musajja mulungi nnyo mu buli ngeri yonna gy'oyagala okulowoozaako okusinga Yakobo. Kati, Esawu (Katonda ansonyiwe olw'okwogera bwenti), yali mukuluppya. Ky'ekyo kyokka. Kati, bw'omwetegereza, kiki kye yali? Yalina akalimi ate nga mulimba lukulwe. Kati, bwe—bwemba kye njogera si kituufu, nsaba Katonda ansonyiwe, naye yalimba. Era yali mukumpanya, kyenkana tewabangawo mukumpanya nga ye. Bwe yakwata obuti obwo obw'obujagijagi n'abuteeka mu mazzi okuleetera ente ezo ez'eggwako n'endiga okuzaala endiga ez'obujagijagi n'ente ez'obujagijagi, azitwale—zibeere zize . . . Yakola ki? Yeenaanika ekkanzu ya Esawu n'ayambala n'akatundu k'eddiba ly'endiga n'ebirala bye yeeteekako, n'agenda, ne yeefuula Esawu mu maaso ga kitaawe omuzibe w'amaaso eyali nnabbi. Si bwe kyali? Kiraga, ddala yali kalenzi akakumpanya; ddala kye yali. Ate Esawu yali . . . Ekyo ndowooza sa—ob'olyawo ssandikyogedde bwentyo. Mukiraba? Sikyogedde mu bubi. Nkimenyawo. Ya—yali- . . . ya—yali . . . Simanyi; naye kye yali mukimanyi. Mukiraba? Mmwe mukirowoozeeko mu birowoozo byammwe; Nja . . . Yali—yali musajja wa Katonda ow'amaanyi, kale ssandyagadde kubaako kikyamu kyonna kye mwogerako (mukiraba?), naye ngezaako okwogera ku buntu—buntu obutonotono bwe yakola. Mmwe mulabe bwe yali omukalabakalaba. Yali mulimba? Ddala, yali—yali mulimba lukulwe. Naye kiki kye yali agezaako okukola?

59 Mulabe Esawu. Esawu yali musajja mulungi, leero ye mmemba w'ekkanisa omulungi. Yakola ki? Yali muyizzi. Yagenda . . . Weewaawo mu biseera ebyo, bwe batyo bwe baafunanga eky'okulya. Yalabiriranga ebisibo bya kitaawe. Kitaawe yali muzibe wa maaso. Nnabbi, nnabbi wa Mukama

yali muzibe w'amaaso n'alimbibwa mutabani we yennyini gw'azaala, nnabbi, Isaaka; mu ye omwava Kristo. Osobola okumuyita nnabbi, Bayibuli egamba yali nnabbi. Nga muzibe w'amaaso? Lwaki teyeewonya? Era lwaki teyakimanya nti oyo yali Esawu—nti yali Yakobo so si Esawu? Mukiraba? Katonda bannabbi Be tababuulira buli kimu. Abagambako ebyo byokka by'Ayagala bamanye. Mukiraba?

60 Katonda yalina enteekateeka gye yali akola mu kiseera ekyo, era nnabbi yalina okukola okusinziira ku nkola eyo. Katonda . . . Bw'oneewaayo eri Katonda, Katonda ajja kukuleetera okukola okusinziira ku nteekateeka Ye.

61 Kaakati, mulabe kye yakola, munnaffe ono kye yakola. Esawu yagenda n'agezaako okulabirira kitaawe, omukadde, eyali yaziba amaaso; naye Yakobo, yalabikanga, eyali tafaayo oba kiki ekimutuukako. Naye waliwo ekintu kimu Yakobo kye yali ayagala, gwali mugabo gwa busika. Ka kibeere kiki kyonna ekyabaawo, oba yalina kugufuna mu ngeri ki, oba yalina kukikolera ku ddaala ki, omugabo gw'obusika ogwo ky'ekintu kyokka kye yali yeetaaga. Ate ye Esawu, Bayibuli egamba nti, yanyooma omugabo gwe ogw'obusika; bw'etyo Bayibuli bw'egamba. Era Baibuli yagamba nti, "Walemenga okubaawo omwenzi mu mmwe, nga omuntu oli omubi Esawu eyanyooma obusika bwe n'abutunda olw'akawumbo k'omugoyo . . ."

62 Kati, obusika obwo kye kiki? Ly'eddembe ery'obwebange. Ekyo kye ngezaako okubagamba kati. Omwoyo Omutukuvu ono bwe Busika bwo; obwo bwe Busika bwo. Ly'eddembe lyo ery'obwebange erikuweebwa Katonda. Kati, olwa leero abantu bagenda ne bagamba nti, "Kwo okugenda mu kkanisa nja kugenda. Nange ndi mulungi nga gundi. Naye nze, okweyisa nga abo abatukuvu abeevulunga? Ekyo sijja kukikola." Kitegeeza, oli Esawu! Mukiraba? Kye kintu kye kimu, kunyooma busika. Kubanga, ye yaguwaanyisa kufunamu kawumbo ka mugoyo. Ate mmwe mugutunda ku- . . . Sitegeeza mmwe, naye ensi egutunda layisi nnyo n'okusingako awo.

63 Esawu enjala yali emuluma. Naye, mulaba, obulungi singa bwe bwali bukkirizibwa . . . Omuntu singa . . . Singa tugenda erudda wali ne tusimbawo weema okumala ennaku nga—nga ziizo, twandikizudde nti Esawu yali . . . Twandironzeewo Esawu. Mukiraba? Naye mu mutima gwe yali ayagala busika obwo. Yali tafaayo ku kintu kirala kyonna; yali ayagala busika obwo. Bwe bwokka bwe yali ayagala.

64 Naye Esawu yali ayagala kubeera muntu mulungi, alabirira buli kimu, era akola buli kimu mu ngeri entuufu, era akole buli kimu nga ddala . . . Yali mugoberezi w'amateeka omulungi ddala; ye Esawu kye yali. Buli kimu yali ayagala kikolebwe mu ngeri entuufu. Naye Yakobo yali ayagala ekintu kimu, nga bwe busika, era kye kyokka kye yali afaako. Ate Esawu . . . Mulaba

ekyatuuka ku balenzi bombi. Mukiraba? Era mu Yakobo mwe mwava n'abakadde ekkumi n'ababiri abaazaala, weewaawo, abaavaamu ebika ekkumi n'ebibiri ebya Isiraeri, baava mu Yakobo. Era yayita—era Katonda Yakobo yamuyita mwana We yennyini. Mulaba kye ntegeeza?

65 Omwoyo Omutukuvu oyo ateekwa kuba mukulu nnyo gy'oli okusinga ekintu ekirala kyonna mu nsi, ekitiibwa kyo, obulamu bwo, omulimu gwo, buli kimu kyonna. Tolina kulekera awo okutuusa nga omufunye. Oteekwa okumufuna. Ateekwa okuba nga kye kisinga. . .Kati oyinza okugamba nti, "Naye, ntya nti a—ab'oku mulimu gye nkola. Ntya nti omwami wange, a. . ." Totya; Omwoyo Omutukuvu gw'oba osoosowaza. Leka ebirala byonna oba bigenda bigende. Omwoyo Omutukuvu oyo gw'oba okulembeza. "Kati, nsuubira okumufuna olumu ku nnaku zino, Ow'oluganda Branham." Tolinda lumu ku nnaku zino, mufune kati! Kano ke kaseera. "Leka y'Aba asooka nga—nga ssinnakola kintu kirala kyonna. Leka mmufune kati!" Bw'omalirira okumufuna! Ekyo kisobola okutuyamba okuddamu ekibuuzo kyaffe. Obeera o-. . .bw'omalirira mu mutima okumufuna, nga owulira oteekwa buteekwa okumufuna oba si ekyo ofe (mukiraba?), awo lw'onaamufuna.

66 Mu kibuga kino mwalimu Omuyudaaya omu. Simanyi oba mwali mumumanyi oba nedda. Yali yawonyezebwa kookolo. Baamuwa—baamugoba. Ate bwe yabatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, ate ne bamugobera ddala, ne bamugobera ebweru mu luggya. N'agenda ne yeegatta ku kkanisa y'Abamesodisiti. Ne bakizuula nti yabatizibwa mu Linnya lya Yesu, era ne bamufulumya wabweru mu mbeera y'obudde eyali ey'obunnyogovu okukamala, nga buli mu kkumi n'okukka wansi wa zeero, mu Ohio; ne bamuteera ekitanda wabweru awo (Ow'oluganda Fleeman, oteekwa okuba nga Ow'oluganda Vance omujjukira, tomujjukira?)—ne bamufulumya, ne bamuteeka wabweru awo, kumpi n'omudumu gw'amazzi wabweru awo, ne bamugamba nti, "Ndowooza, awo waliwo amazzi agakumala okuddamu okubatizibwa mu Linnya lya Yesu."

67 Naye kati, lumu alina emboozi gye yali annyumiza. Yagamba nti abantu *bano* bwe, mukyala we—baali babeera bonna. . .Kati yali akuŋŋaanyizza wamu ebintu bye byonna nga abitisse ku loole enkadde eyamenyeka basimbule bave mu kibuga. Mukyala we kye yava amugamba nti, "Naye omanyi? Nnabadde nnina okunywayo olwendo lw'amazzi nga tetunasimbula kuva mu kifo ekyo." N'agamba nti, "Mpulira ennyonta ennuma."

Naye, kye yava amugamba nti, "Mukwano, wano waliwo omudumu gw'amazzi."

Mukyala we n'amugamba nti, "Naye, ogira ovuga okutuusa lw'onaatuuka awasinga ku wano." Mukiraba?

Ne yeeyongerako mu maaso, n'agamba nti, "Waliwo omudumu omulala."

Mukyala we n'amugamba nti, "Ggwe, genda bugenzi mu maaso." Mukiraba?

68 Naye yagamba nti, "Naye ate, bwe yatuuka erudda eri mu kyalo, tewaaliyo mudumu gwonna." N'agamba nti, "Yali afa enkalamata nga—nga yeetaaga okunywayo olwendo lw'amazzi." N'agamba nti, "Oluvannyuma lw'akaseera, nga bayingidde munda ddala eyo mu nnimiro waaliyo omudumu gw'amazzi gino egy'omukyalo egy'edda, munda ddala eyo mu nnimiro, nga olina kuyita mu ggana lya nte; nga ate yali atya ente." Naye agamba nti, "Yamugamba nti, 'Levi, nteekwa okufuna amazzi!'" Bwe batyo ne—n'ayimiriza mmotoka. Yagamba nti, emmotoka yali tannagisimba bulungi, nga omukyala yagifulumye dda agezaako kuyingira lukomera. Yalina okufuna amazzi. Era Katonda bw'afuuka owa nnamaddala bw'atyo gy'oli, bw'olumwa ennyonta okutuuka ku ssa eryo, nga oteekwa buteekwa okufuna Katonda oba si ekyo ogenda kufa, nga tokyayinza kugumiikiriza, awo wabaawo ekigenda okubaawo. Kiteekwa—awo otegeeza ky'oliko ne Katonda. Awo w'otwalira—awo lwe kibaawo.

69 Kaakati, emyoyo gino emibi girimbalimba abantu. Ate emyoyo egyo, emirundi mingi gibeera minnaddiini nnyo. Kati oyinza okumbuuza nti, "Otegeeza, kubeera minnaddiini?" Yee, ssebo! Giyigiriza n'Ebyawandiikibwa, Bayibuli. Mazima ddala gikikola.

70 Kati mulabeeyo! Yesu yajja eri ekibinja ky'abasajja abaali bakabona abatukuvu; nga amateeka bagagondera ne sekugondera yenna; era nga bannaddiini nnyo, nnyo. Naye Yesu na—Yokaana n'abagamba nti, "Mmwe abaana b'amasalambwa (kiteegeza emisota), ani eyabalabula okudduka obusungu obugenda okujja?" Yesu bwe yabalaba, n'Abagamba nti, "Muli ba kitammwe ssetaani." Oyo yali Katonda ye yayogera ekyo. Nga bannaddiini ebitagambika.

71 Mujjukire nti, bwe—ssetaani atwala omuntu we, naye taggyaawo mwoyo gwe gumubaddeko. Katonda atwala omuntu we naye taggyaawo Mwoyo We. Mukiraba? Omwoyo Omutukuvu ajja mu bulamu bwo n'atukuza omwoyo gwo, n'abeera mu ggwe, n'akuwa amaanyi okubeera omulamu. Naye o—omwoyo gwo bwe gukuvaamu ne gugenda, omwoyo gwo gusigala ne Katonda; naye Omwoyo Omutukuvu akubaddeko akka ku muntu omulala, ne ku muntu omulala, ne ku muntu . . .

72 Omwoyo ono eyali ku Eriya yakka ku Erisa, mu kigera eky'omugabo gwa mirundi ebiri; ne wayitawo emyaka nga lusanvu oba emyaka lunaana n'akka ku Yokaana Omubatiza, n'amuleetera okukola . . . Mulabe Eriya, mulabe Eriya bwe yali: omusajja omunene nnamukadde ajjudde ebyoya ku mubiri,

nga yenna alina omulevu; yeesibye eddiba ly'endiga, alinga ekisaanyi ekijjude ebyoya, nga bw'atyo bw'afaanana mu maaso, bw'agenda akuba omusinde wansi nga bw'atambula nga yeesibye eddiba eddene, nga—nga mu kiwato kye, bw'ati. Singa wa. . . Singa yajja ku nnyumba yo wandigambye nti, "Ehhh, bannange! Mukubire poliisi mangu ddala. Wano waliwo omusajja ayimiridde ku luggi lwange." Naye oyo yali nnabbi wa Mukama. Mazima ddala! Kale kati, bwe yafa, omugabo ogw'emirundi ebiri ogw'Omwoyo eyamuliko ne gujja ku Eriya; ne wayitawo emyaka lunaana ne gukka ku Yokaana Omubatiza ne guleetera Yokaana okukolera ddala nga bwe baakola, kubanga Gwali mwoyo gwa Eriya.

73 Kaakati, omwoyo gwa Eriya ku Yokaana bwe guba gwaleetera Yokaana okweyisa nga Eriya, n'Omwoyo wa Katonda ku ggwe ajja kukuleetera okweyisa nga Yesu. Kati, ku ekyo kw'olabira Omwoyo Omutukuvu. Mukiraba? Ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'akola. Akufuula muteefu, akutoowaaza, akuleetera okusonyiwa.

74 Bandibadde basobola okukuunyuula ebirevu byo singa obeera obirina, ne babisikambula ne bakuwandulira amalusu mu maaso, nga olina amaanyi okuyita e—eggye lya Bamalayika? Ekyo osobola okukikola olw'okwagala kw'olina eri abantu abakuwandulira amalusu mu maaso? Osobola okukikola? Omuntu bwe yandizze gy'oli n'akugamba nti, "Ggwe, munnanfuusi ggwe!" n'akupacca oluyi mu maaso, wandimusabidde ekisonyiwo? Kati, awo obwesige—we wali ekigezo eky'okulaba oba olina Omwoyo Omutukuvu oba nedda. Mukiraba? Omuntu bw'abaako ekikyamu ky'ayogera ku muntu, ebiseera ebimu agamba nti alina Omwoyo Omutukuvu, "Ndimwesasuza ne bwe luliba lwe lunaku lwange olusembayo mu bulamu." Mukiraba? Kati, awo w'okeberera Omwoyo Omutukuvu gw'olina. Mukiraba? "Mulina omukisa bwe banaabawaayiranga buli kigambo ekibi ku lw'Erinnya lyange." Naye ggwe oyagala kubeesasuza? Nedda! "Musanyuke era mujaguze nnyo, kubanga bwe batyo bwe baayigganya bannabbi abaasooka mmwe." Mukiraba?

75 Omuntu bw'akwogerako obubi, ggwe mwogereko bulungi. Bw'oba tosobola kumwogerako bulungi, sirika tobaako ky'oyogera. Kyesonyiwe. Okiraba? Kati, bwe weeyawula n'obeera wekka, musabire.

76 Bwe wabaawo ekintu mu bulamu bwange ekinnyambyenga okutegeera nti Omwoyo Omutukuvu yayingira mu bulamu bwange emmanga eri ku lunaku luli, kibadde ekyo. Nnalina obusungu obw'ettumbiizi, nga mbubuuka, ab'eŋŋanda zange b'Ayiriisi ku njuyi zombi. Era nnabanga ssisobola kulya, akamwa kange bulijjo kaaberanga kajjudde amabwa nga waliwo eyankubye, gwe nneeepankiddeko nga simusobola. Agamu ku mannyo gange gaamenyeka ne bagazzaamu

buzza bwe nna—nnayogerera we nnali sisaanidde kwogera (mukiraba?) ne njogera ebintu . . . Lubeerera nnabeeranga mu mitawaana. Era nnagamba nti . . . Waliwo eyaŋŋamba, omusomesa wange ku ssomero, yaŋŋamba . . . Nnamugamba nti, “Nnyabo, nange ssi—ssi—ssisobola kukyebeera.” Mukiraba, lubeerera nnabeeranga mu mitawaana. Ne mmugamba nti, “Nange ssisobola kukyebeera.” Mukazi wattu Maama Temple, yaakagenda mu Kitiibwa jjuuzi.

Kye yava aŋŋamba nti, “Kati, labayo Mukwano.” N’ansitula n’andera, n’annyweza mu ngalo ze n’atandika okukaaba. Omulundi gwe nnasookera ddala okufuna omukwano bwe gutyo okuva eri omuntu, yali mukyala mukadde. N’akaaba nga andeze. N’aŋŋamba nti, “Billy, ŋŋenda kubaako ne kye nkukolera, Mukwano; ŋŋenda kukuwa akaguwa.” N’aŋŋamba nti, “Bwe wabaawo omu ku balenzi akulumbagana . . . ”

77 Bampitanga “munnakyalo,” kubanga nnali nva Kentucky, nga bwe mumanyi, era—era . . . nnali—eky’amazima nnayambalanga bubi. Era baajereganga enviiri zange, ezaakulanga ne zikka wansi bwe ziti kyenkana okusinga bwe ziri kati, zonna ne zimbikka amaaso. Kale nnabeeranga n’akaseera akazibu ennyo, nga bwe mumanyi. Era—era bankubanga ne bampacca empi. Nga oli obusungu kasita bumukwata, nga ajja, nga ankwata, nga ampisaamu empi. Nga nange mmuddiza. Mukiraba? Era nga—kale—nga tukubagana. Era twafunanga—nga buli omu yeesasuza munne, nnatuuka n’okulwanyisa ebiso n’ebintu ebirala.

78 Nnatwalako n’emmundu ey’ekika kya Winchester ne ngezaako okubakuba amasasi, nga ngitunuzza mu balenzi nga bana oba bataano, abankuba ne ntuuka n’okuba nga sikyasobola kusituka ku ttaka. Bonna nnandibasse singa teyali Katonda. Nnalondawo amasasi ago ku ttaka we gaali gagudde, ŋŋenda okugazza mu mmundu; nga gakyakola bulungi. Mukiraba? Nnandibadde mutemu eyatemula abasajja bataano, oba kale abalenzi bataano manyanga.

79 Twali ba myaka nga kkumi n’ebiri, naye nga nnina obusungu obw’ettumbiizi! Omusomesa kye yava aŋŋamba nti, “Kwata akaguwa kano, Billy, era buli lw’owulira obusungu, yimirira osibe obututwa mwenda mu kaguwa ako.” N’agamba nti, “Bw’omala okukikola, akaguwa ako okandeetere. Nkukakasa obusungu bwo bujja kuba busse.”

80 Ne mmugamba nti, “Muky. Whalen, mazima ddala nzikiriza ondaze ekisa.” Ne ŋŋamba nti, “Nja—nja kukigezaako.” Mukiraba? (Manyanga Muky. Temple; ate ŋŋambye Muky. Whalen. Ŋŋambye Muky . . . Mw. Whalen yasomesaako erudda wano.) Kale kye—kye nnava nkwata akaguwa ako ne nkateeka mu nsawo yange. Naye nnali sinnaweza ddakiika ziwera ttaano mu luggya ne wabaawo eyankuba. Naye, ne—ne ntanula okusiba

obututtwa buli, nga bwe mumanyi. Ne nkwata mu nsawo yange ne nzigyayo akaguwa kange; ne ntandika okusiba akatuttwa; naye akaguwa ne nkasuula wansi, ne nziruka. Mukiraba? Nga ssisobola kubusiba. Mukiraba?

81 Era nnagambanga nti, "Nze ssisobola kubeera Mukristaayo." Naye muleke mbabuulire, ku olwo ekiro emmanga eri ku Luguudo oluyitibwa Ohio Omwoyo Omutukuvu bwe yayingira mu nze, obusungu awo we bwakoma. Bwakoma awo. Nnagambanga nti, "Ssisobola. Ssisobola kubeera Mukristaayo, kubanga ssisobola kuwangula busungu obwo," nga ŋŋamba kimu nti, "kintu kye nnazaalibwa nakyo." Nga ŋŋamba nti, "Nze, nkubuulira kitange yalina obusungu obw'ettumbiizi; ne—ne mmange, yalimu omusaayi gw'Abayindi ba nnansagwa, nga alina obusungu obusobola n'okulwanyisa omusumeeno ogw'amasannyalaze." Nga ŋŋamba nti, "Nze? Ha, nze. . .Nkukakasa, omuntu yenna anneeriggyako ateekwa okummendegera; kye kyokka." Ne ŋŋamba nti, "Bwe kiba kineetaagisa kulinnya ku ddaala okumukuba," nga ŋŋamba nti, "Nkukakasa nja kukikola." Mukiraba?

82 Naye kati, osobola okunsikambula n'onfulumya ebweru awo n'onkuba ne. . .Mukiraba? Lwaki? Si nze! Nsonga ki gye ngezaako okuggyayo wano? Waliwo ekyabaawo. Amaanyi gali amakadde, William Branham oli omukadde yafa, ne nnyingirwamu Omuntu omulala. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Era Omuntu oyo andeetera okusaasira omulabe wange. Omuntu bw'abaako ekikyamu kyonna ky'ankola, simusabira kutuukibwako bubi, mmusabira kubeera bulungi. Era y'ensonga lwaki Omwoyo Omutukuvu yampa ekigezo ekyo ekiro kya luli mu New England, kino bwe kyali tekinnabaawo emmanga wano. Bwe kya—bwe Yampa amaanyi, n'aŋŋamba nti, "Yogera kyonna ky'oyagala kituuke ku bantu abo." Olw'engeri gye baali beeyisizzaamu. . . Naye ne mbatunuulira we baali batudde, ne mbagamba nti, "Mbasonyiiye." Ky'ekyo kyennyini kye Yali ayagala. Mukiraba? Musonyiwe abalabe bammwe. Mukiraba? Gino gye myoyo egibafuula ababi. Emyoyo egyo mugyegendereze.

83 Tulaba wano nga waliwo ajja. Yabeeranga eyo mu malaalo. Wuuyo n'ajja, yali yabasinza amaanyi n'abaddukako, Bayibuli bw'egamba. Tewali muntu yenna—yali wa bulabe nnyo okutuusa nti tewali muntu yeetantalanga kuyita mu kkubo eryo. Naye lumu waaliwo Amaanyi agasingako agaayita eruuyi eyo. Yali yawambibwa omuzimu ogw'obukyayi, enge, ssetaani, nga ajjudde liigyoni y'emizimu agenda atambula, musajja wa kiwago. Baagendangayo, ne batwala eggye, ne bamusiba enjegere; enjegere n'azikutula ne yeesumulula. Kuba yalimu ssetaani. Nga ali eyo. Yafuuka ensonga. Yandibadde—yandibadde kifaananyi kya maanyi eri essomero lya Jeffersonville High School. Mazima ddala! Wuuyo, nga yenna

alina. . . Oba abamu ku bavubuka bano, nga bwe mubamanyi bandigambye nti, “Ha, oyo musajja ddala yennyini.” Nnali ndabye omusajja azitowa kkiro kyenda mu emu naye nga taliimu yadde akanigguusa mu ye. Oyo taba musajja, eyo ebeera nsolo. Mukiraba?

84 Naye lumu waliwo omusajja omutonotono mu kigera, eyalina ebibegabega ebyekotese eyagendayo, nga yeekotekamu (Bayibuli egamba nti teyalina bulungi bumwegombesa, yali wa myaka asatu naye nga oyinza okulowooza w’ataano), lumu yajja atambula mu kkubo. Omulalu ono n’avaayo okumweŋŋanga. N’agamba nti, “Akasajja kano ŋŋenda kukakwata nkakasuke muli.” Naye, ha bannange, Oyo bwe yamusisinkana, yagwa ku bigere Bye. Emizimu egyo egyali gyamuwamba. . . Kati mulabeeyo. Ku olwo. . . Ssetaani yali yamuwamba okutuusa nti. . .

85 Kati kino, njagala kino nkiteekemu—ku lwammwe. Yali—omusajja oyo yali yeeweerayo ddala eri ssetaani, okutuusa ssetaani lwe yakozesa olulimi lwe okwogera. Kati, naawe osobola okweweerayo ddala eri Katonda okutuusa Katonda lw’asobola okukozesa olulimi lwo okwogera. Bwe kiri! Nange bwentyo bwe nkimanyi. Obubaka bwonna bwe nnali mbuulidde obwali obw’amakulu, bwabuulirwa bwe nneewaayo, ne nzigya William Branham mu kkubo, ne mpa Kristo omwagaanya asobole okujja ayogere. Mukiraba? Ate Asobola okwogera olulimi lwonna.

86 Kaakati mwekkaanye. Omusajja oyo yali yawambibwa omwoyo ogwo omubi, era omwoyo ogwo gwali gwamwefuga okutuusa nti. . . Emizimu egyo gyakitegeera nti ekiseera kyagyo kyali kituuse, kubanga gyali gisisinkanye okwagala. Mukiraba? Kye gyava gigamba nti, “Leka tumugezese.” Era gyonna. . . Kati, mwetegereze ebyaliwo. Gwamugamba nti, “Naye, ggwe tukumanyi. Okola ki mu mubiri ogwo omutono ogufaanana bwe gutyo, ogukulabisa nga akasajja akanafu akatalina twanyi yadde?” Ne gugamba nti, “Lwaki ozze bw’otyo?” Ne gugamba nti, “Ggwe tukumanyi. Ye ggwe mutukuvu wa Isiraeri, naye lwaki. . .?” (Kati mwekkaanye! Bw’oba tokkiriza nti mu biseera ebijja mu maaso emizimu giribonyaabonyezebwa, wulira gino bwe gikyeyogerera.) “Lwaki ozze okutubonyaabonya nga entuuko zaffe tezinnaba kutuuka?” Gikimanyi nti mu biseera ebijja mu maaso waliyo okubonyaabonyezebwa. “Lwaki ozze okutubonyaabonya nga entuuko zaffe tezinnaba?” Mukiraba?

Yesu kye yava agubuuza nti, “Erinnya lyo ggwe ani?” Yali agimanyi; naye Yali ayagala gyeyogerere.

Ne gumuddamu nti, “Ye ffe Liigyoni, kubanga tuli bangi.” Ne gumugamba nti, “Bw’oba wa kutugoba tuve mu musajja ono. . . ”

87 Mulabeeyo, omusajja omuyongobevu atalina maanyi nga Yesu okuyimirira awo (mukiraba?), mu maaso g’omusajja

eyali asobola n'okukuba kyenkana eggye ddamba lyonna n'alifufuggaza; nga ka zibeere enjegere tezisobola kumusiba. Mukiraba, ekikulu si maanyi ga mubiri. Si ge gakikola. Wabula amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu ali mu bulamu bwo ge gakikola. Mukiraba?

88 Gwamugamba nti, "Totubonyaabonya nga entuuko zaffe tezinnatuuka; naye bw'oba wa kutugoba...(Laba ettima ly'emyoyo gino, obubi.) Bw'oba wa kutugoba kuva mu musajja ono, totuleka kumala gagenda kubungeetera mu nsi, kubanga kizibu okumanya wa gye tunaggya omuntu omulala gwe tunaayingira. Bw'oba wa kutugoba kuva mu musajja ono... Twagala tubeeko omuntu omulala mwe tubeera; twagala tubeeko ne kye tukola; twagala tweyongere okukola eby'ettima." Oyo ye ssetaani. "Nange nja kumukola kye yankola. Hmmm!" Mukiraba? Oyo ye ssetaani. "Nja kumwesasuza." Mukiraba? Naye jjukira, nti oyo ayimiridde awo muganda wo, wabula ssetaani y'amwambadde. Okiraba? "Twagala tubeeko ekintu ekibi kye tukola. Tusobola okuleetera Abagerasene bano okubonaabona olwa kino," ob'olyawo ogumu, ku gyali gikulira ekibinja bwe gwagamba. Ne gumugamba nti, "Tusindike mu ggana ly'embizzi liri tuyingire omwo."

89 Yesu n'agigamba nti, "Mugende. Naye ono mumuveemu!" Ha, bannange! Akasajja akatono akenkana awo nga koogera eri liigyoni y'emizimu egyo gyonna. "Mumufulumemu! Mugende." Ne giyingira mu mbizzi ezo, embizzi ne zigwamu akajabangu ne zeerindiggula ebigwo, gyaleetera embizzi okugwamu akajabangu. Ne ziserengeta ne zigenda zeeyiwa mu mugga, ne zebbika mu mugga, ne zifiira mu mugga. Si bwe kyali?

90 Kaakati, bwe zebbika mu mugga ne zifa...Weewaawo emizimu gyo gyazivaamu, kubanga amazzi gatta mbizzi. Emizimu gyazireetera okugwamu akajabangu. Gyagwamu akajabangu nga omuntu yenna. Mwali mulabye ku muntu eyeesudde akajabangu? Kaakati, ekyo gye—gye gikikola. Ekyo emizimu egyo gye gikireeta. Kye kimu ekyatuuka ku mbizzi ziri. Bw'olabanga omuntu aguddemu akajabangu, ogambanga nti, "Uh huh, kati mmanyi ekyali e Gadara." Mukiraba? Ky'ekyo kyennyini. Singa yeeyongera mu mbeera eyo, gisobola okumusuulira ddala eddalu; kubanga omusawo ajja kukugamba nti obusungu gwe mutendera ogusooka ogw'obulalu. Bwe batyo ab'eddwaliro lya Mayo bwe bagamba, gwe mutendera ogusooka ogw'obulalu.

91 Ow'oluganda Pat, ekyo ob'olyawo kibadde kikalubo. Naye ky'ekisinga kye mmanyi, kinzijidde bujjizi. Kale.

**102. Abaruumi essuula ey'o 7, olunyiriri olwa 25.**

92 Nnina oku...Nneerabidde, nnakinoonyerezaako luli bwe nnafuna ekibuuzo ekyo, naye nneerabidde kye kiri kyennyini. Leka twanukule ekibuuzo ky'omuntu ono omwagalwa bwe

tuba tusobola. Abaruumi 7:22, kale, manya: 25, munsonyiweko. Abaruumi 7. . .mbadde mbikudde empapula bbiri omulundi gumu. Y'ensonga lwaki . . .

> *Nneebaza Katonda ku bwa Yesu Kristo Mukama waffe.* Na *bwe kityo—kale bwe kityo nze nzekka mu magezi—mu—magezi ndi muddu wa mateeka ga Katonda; naye mu mubiri wa tteeka lya kibi.*

Kaakati, musooke mulindeko. Ekyo sikisomye bulungi.

> *Nneebaza Katonda ku bwa Yesu Kristo Mukama waffe. Kale bwe kityo nze nzekka mu magezi*. . .(Weewaawo, bwe kiri.). . .*nze nzekka mu magezi ndi muddu wa mateeka ga Katonda; naye mu mubiri wa tteeka lya kibi.*

93 Kale. Ky'ekyo kyennyini Pawulo kye yadiŋŋananga emirundi n'emirundi. Bwe njagala okukola ekirungi, ekibi kimbeera kumpi. Mukiraba? Ky'ekyo kyennyini naawe ky'okola. *N'ebirowoozo byo*, nga gwe mutima gwo. Mukiraba? Kati jjukira nti tolowooza na birowoozo byo; era tolaba na maaso go. Era to. . . O—olaba na mutima gwo. Ekyo obadde okimanyi? Obadde okimanyi nti mu mutima gwo mulimu omuntu omulala nga oggyeeko ggwe? Ekyo ssaayansi yaakakizuula emyaka nga ena egiyise, mukimanyi. Baazuula akasenge akatono munda mu mutima, era bagamba nti omwo mwe mubeera emmeeme.

94 Mwali muwulidde ku ntegeera ey'omu mutima? Otanula okubaako ekintu ky'okola, nate n'olowooza muli nti, "Nja kukiyita ku ngulu," naye ate entegeera yo ey'omu mutima n'ekugamba ekintu ekyawukana ku ekyo.

95 Basobola okukwata akuuma akazuula obulimba. . . Nnengera mukwano gwange omulungi, Munnamateeka Robinson, atudde emabega wali. Ssimanyi oba yali akirabyeko nga kikolebwa oba nedda, naye nze lumu nna—nnakigezaako—lumu baakanteekako, ku nsonga eno eya Malayika wa Mukama. Era bakuteekako akuuma ako akazuula obulimba, ggwe n'ogezaako mu—okwatula okusinziira ku ekyo ekisingayo ky'omanyi, n'ogezaako mu ngeri esingirayo ddala gy'osobola okukikolamu, n'okikwekera ddala n'obuzaabuza, nti tokolanga kintu bwe *kiti-ne bwe kiti*—nti toli mumenyi w'amateeka. Akuuma ako akazuula obulimba kajja kugamba nti olimba. Mukiraba? Lwaki? Okukankana kw'obusimu bw'omubiri gwo kwe basoma ku kuuma kali akazuula obulimba. Mukiraba? Ka—kajja kukugamba. Kubanga lwaki? Omuntu mu nkula ye nnakabala teyakolebwa kulimba. Ekibi ekikuliko ne ssetaani bye bikuleetera okulimba. Okiraba?

96 Tewa—mu nkula yo tewakolebwa kulimba. Eyo y'ensonga lwaki olina okuddamu okubeera omulamu, kubanga wakolebwa, watondebwa kubeerawo emirembe gyonna, kubeera mulamu lubeerera. Naye olaba, ekibi kyayingira ne kireeta okufa eri omubiri. Era kati, ekibi bwe kiyingira ne kireeta okufa

mu mubiri, awo kiba kitegeeza, nti omubiri gulina okufa. Naye omubiri ogwo, mu ggwo musobola okutuulamu Obulamu Obutaggwaawo, omwoyo guno ogukulimu bwe gukyusibwa n'ofuna Obulamu Obutaggwaawo. Omubiri ogwo Katonda aliguzuukiza nate ku lunaku olw'enkomerero. Yagamba nti Alikikola.

97 N'olwekyo n'endowooza yange—endowooza. . .Mu kifo ekirala yagamba nti, "Ndowooza nnina endowooza ya Kristo." Kati, mu ndowooza eyo oweereza—bw'obeera n'endowooza ya Kristo oweereza Katonda. Mukiraba, ekitundu eky'omunda (mukiraba?), ekitundu eky'omunda, oweereza Katonda. Eyo y'entegeera ey'omu mutima, omwo okukkiriza mwe kubeera.

98 Njagala mbeeko ne kye mbabuuza. Waali wabaddewo emirundi mingi mmwe abantu abali wano, bangi ku mmwe lwe mukirabye emirundi egy'enjawulo ne—mukimanya nti waliwo ekigenda okubaawo. Nga kirabika nga ekitasoboka kubaawo, naye nga ggwe okimanyi nti kigenda kubaawo. Ekyo kyali kibatuuseeko? Kati okwo kwe kukkiriza kuli, entegeera eyo ey'omu mutima ebeera ekola.

Kati, ebbugumu bwe liba lyeyongedde munda wano, ekyuma ekyo musobola okukikyusa ne kitunula eri, ebbugumu bwe liba libayitiriddeko.

99 Kati, munda omwo mu ntegeera yo ey'omu mutima (okiraba?), omwo ebirowoozo byo. . .Kati Yesu yagamba nti, "Okuggyako nga omuntu azaaliddwa omulundi ogw'okubiri. . ." (Kati, ekyo si kye mbadde njagala.) "Ddala, ddala, Mbagamba nti, okuggyako nga omuntu azaaliddwa omulundi ogw'okubiri tasobola *kulaba* Bwakabaka bwa Katonda." Kati, Obwakabaka bwa Katonda tosobola kubulaba, kubanga Obwakabaka bwa Katonda ye Mwoyo Omutukuvu. "Waliwo abayimiridde wano abatalirega ku kufa okutuusa nga balabye Obwakabaka nga bujja mu maanyi," bwe Yagamba. N'ekirala nti, "Obwakabaka bwa Katonda," Bayibuli egamba nti, "buli mu mmwe." Buli mu mmwe, nga ye Mwoyo Omutukuvu, kale tosobola kubulaba na maaso go. N'olwekyo *okulaba* kitegeeza "kutegeera."

100 Wali otunuulidde ekintu kyonna, nga okitunuulidde n'amaaso go, naye nga ogamba nti, "Naye, nze sikiraba." Mukiraba? "Nze sikiraba." Obeera otegeeza nti tokitegeera. Okiraba, okiraba? Tokitegeera. *Okulaba* kitegeeza "kutegeera." Naye bw'otunula n'amaaso go osobola okutunuulira ekintu kyonna. Naye bw'otunula n'ekyo ekiri munda mu ggwe, ekyo ky'okozesa okutegeera, ky'okozesa okulaba. Okiraba? Okozesa maaso ga Katonda okutunula.

101 Kale kati, ensonga yo ginyweze. Wano waliwo ekirungi bwe muba mwetegese okukifuna: Omukristaayo atunuulira ebintu by'atalaba n'amaaso ge (mukiraba?), kubanga ffe

tutunuulira ebyo ebitalabika. Mukiraba? Obitunuulira otya? Nga okozesa amaaso go ag'omunda. Obiraba lwa kukkiriza. Era kati, ekyo okukikakasa: eby'okulwanyisa byonna eby'Ekikristaayo bikolebwa ebintu ebitalabika. Eby'okulwanyisa by'Ekikristaayo bye biruwa? Omuntu singa agamba nti, "Okulaba kwe kukkiriza." Omuntu oyo talibeera Mukristaayo, kubanga eby'okulwanyisa by'Omukristaayo bikolebwa mu bino: okwagala. Mwali mukulabyeko? Mukulaba mu bikolwa, naye temulabanga ku kwagala. Bw'oba osobola okukulaba, kale ggyayo ekitundu kyo eky'okwagala ndabe bwe kufaanana. Mukiraba? Okwagala, okwagala, essanyu, emirembe, okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, obulungi, obuteefu, okukkiriza—okukkiriza, obuwombeefu (mukiraba?); eby'okulwanyisa by'Omukristaayo byonna tebirabibwa na liiso lya butonde, naye bitegeerwa na mutima! Kiikyo. Kiikyo.

102 Pawulo kye yava agamba nti, "Mu ndowooza yange... ('Ate nga nnina endowooza ya Kristo,' mukiraba, bw'atyo bw'agamba.) Mpeereza Katonda n'endowooza yange, naye omubiri gwange (ekyo yakyogedde atya bwe yabadde amaliriza?)—naye mu mubiri, ndi muddu wa tteeka lya kibi." Kitegeeza ki? Akawungeezi kano omubiri gwange guŋŋamba nti, "Okooye nnyo. Obulago bwo busaakadde nnyo. Olwa leero obadde—obadde wabweru mu mpewo. Akawungeezi kano tojja kugenda ku kkanisa." Eryo ly'etteeka ly'omubiri. "Bakubire bukubizi essimu ogambe Ow'oluganda Neville nti...Ebibuuzo ebyo biweerezeeyo omugambe abyanukule." Naye mulaba, nnasuubizza okubyanukula. Mukiraba?

103 Kaakati, endowooza yange, munda eri Omwoyo Omutukuvu ajja kuŋŋamba nti, "Tuukiriza ekisuubizo kyo."

Naye omubiri guŋŋambe nti, "Okooye nnyo." Mukiraba?

104 Kati, omubiri gujja kukugamba nti, "Naye, kati teweetaaga, kawala ggwe akalabika obulungi, ye ggwe muwala asingayo okulabika obulungi mu ssomero. Kati, leka kuwuliriza maama wo oyo omutukuvu eyeevulunga oba taata wo oyo omuzoole. Okiraba? Ye ggwe muwala asinga okulabika obulungi mu ssomero." "Ye ggwe mulenzi asinga okulabika obulungi, ye ggwe mulenzi asinga okulabika obulungi, ye ggwe asinga ekiwago. Ye ggwe asinga okwettanirwa mu kibuga kyonna." Mukiraba? Ekyo—ekyo...Nga owaayo ebitundu by'omubiri gwo eri ekyo, era owunzika otya? Buli mulundi omaliriza tolina ky'ovuddemu kya makulu. Mukiraba?

105 Pawulo yagamba nti, "Omubiri gwange gwagala—lubeerera gwagala kwewaayo eri ekyo." N'omubiri gwo kye gwagala. Okiraba? Naye etteeka ly'Omwoyo wa Katonda eriri mu mutima liwangula omubiri ne liwaliriza omubiri okugondera omutima kye gugugamba gukole. Aleruuya!

106 Mulabeeyo, kati etteeka eryo bwe liba nga ekyo lisobola okukikolera omwonoonyi, olwo teriikole ne ku ndwadde? Etteeka ly'Omwoyo wa Katonda eriri mu mutima gw'omuntu amanyi nti, "Olw'emiggo Gye twawonyezebwa," ayimirira n'amaanyi ge n'awaliriza endwadde eyo eri mu mubiri ogwo okumugondera, kubanga endwadde eyo guba muzimu. Ky'ekyo. Whew! Ekyo kinyuvu nnyo. Mbakakasa. Bwe kiri. Mukiraba?

107 Kaakati, etteeka ly'ekibi n'okufa likolera mu mubiri gwo, naye etteeka ly'Omwoyo ogw'Obulamu lyo likolera mu mutima gwo. N'olwekyo omutima gwo, omwoyo gwo mu mutima gwo gujja kuwaliriza omubiri gwo okugondera omwoyo gwo bye gugugamba gukole. Ekyo ddala bwe kiri. Kati, ekyo Pawulo kye yagamba. Omubiri lubeerera gubeera gugamba, "Nkooye nnyo; sisobola; siyinza; sisobola kukikola."

Nnagambye—Loyce manyanga—manyanga Delores, oba omuntu eyabadde ayogera nange ku Mwoyo Omutukuvu, ku kintu bwe kityo oba ekikyefaanaanyiriza, nnamugambye—yambuuzizza nti, "Kiki . . . "

Delores yambuuzizza nti, "Naye kati kiki—kiki ekyanviiriddeko okwewulira bwentyo mu kaseera we nnandibadde mpulira obulungi?"

108 Ne mmugamba nti, "Yabadde ssetaani. Yakirabye nti onaatera okumufuna. N'agamba nti, 'Ŋŋenda kumukkakkanyaamukko: Phew! Muwuggyemukko katono, omanyi, asooke akkakanemukko katono.' Mukiraba? Naye ha, bannange, awo w'ositukira! N'obanja eddembe lyo Katonda lye yakuwa." Ky'ekyo Pawulo kye yali ategeeza. Mukiraba? E . . . "Buli lwe," yagamba, "buli lwe njagala okukola ekirungi, ekibi kimbeera kumpi."

109 Leka nkubuulire ky'oba okola. Kino nkyetegerezza, nze ne mukyala wange . . . Kati ŋŋenda kwanguwako nkomewo ku bibuuzo, kubanga nsigazza eddakiika ntono, ate nga nkyalinawo wano ebibuuzo ebinene. Saagala kubalwisaawo nnyo kisusse, naye ate njagala nnyanukule ebibuuzo byammwe mu ngeri esingayo obulungi gye nsobola.

110 Mulabeeyo! Nsobola okutandika ku makya, ne ŋŋamba nti ŋŋenda, Mukama annuŋŋamizza okubaako olukuŋŋaana lwe ŋŋendamu mu kifo ekimu, kati, ow'oluganda, weetegereze buli kimu bwe kinaatabanguka. Oba leka nkomewo eka, wabeewo essimu enkubirwa okuva ewala. Nga, waliwo omulwadde gwe nnina okusabira. Ka Joseph kajja kumbuukira katuuke n'okunneerippa mu bulago. Sarah ajja kubaako ekibuuzo ky'ayagala okumbuuza. Becky ajja kugenda atandike okukuba piyano. Mbagambe nti, "Sh, sh, sh!" Nteeke omukono gwange ku mumwa mbagambe nti, "Abaaye, sh, sh, sh, ŋŋenda—Taata alina omulwadde gw'agenda okusabira."

"Naye, Taata, labayo; ono Joe akoze bw'ati . . . " Mukiraba? Gwe kasita okitandika. Naye essaala oluba okuggwa, nga bakwata eby'okuzannyisa byabwe nga bazannya bulungi mu bukakkamu. Abeera ssetaani. Mazima ddala.

111 Ekirala nsobola okujja ne ŋŋamba nti, "Joseph, ekintu *gundi* tolina kukikola." Naye nga bwe mumanyi, okugira oti, nga agufudde muze. Kati mukiraba ne mu baana bammwe, babalimba. Kati, ogwo gubeera mwoyo gwa bulimba gwe guba gwambadde omwana oyo. Ekigonjoola kiri kimu kyokka eky'okukivumula. Sikkiririza mu kukozesa muggo gwa mmundu, ekyo mukimanyi, omuggo gw'emmundu ogwo gwe baatukubisanga, Ow'oluganda Jess. Bwe twa—bwe twa—bwe twazzanga emisango twasikangamu omuggo gw'emmundu ogwo mu mmundu enkadde, omuggo gw'ennongo, nga bwe mumanyi, gwe baakozesanga okupakira omumwa gw'emmundu. Ogwo si gwe tulina okukozesa. Naye essaala, goba omwoyo ogwo omubi guve ku mwana oyo. Bwe kiri. Okusaba kwe kukikola.

112 Ka Martha akato singa katandika okwesansabaga nga bwe kakoona akagere kaako ku ttaka, bwe kadduka wabweru, n'okuwanika akayindo kaako, osobola okukakuba ne katasigaza yadde olugoye lwonna ku mubiri; naye era kajja kuddamu kakikole. Naye ggwe weeyale mu maaso ga Katonda obanje emmeeme y'omwana oyo eri Katonda. Sigala awo wennyini nayo. Nzikiriza ky'ekintu ekisingayo obulungi kye mmanyi. Yee, ssebo! Ky'ekigonjoola ekisingayo obulungi kye mmanyi, kwe kusaba.

**103.** Kaakati, leka tulabe. Kati ekibuuzo ekiddako wano kigamba nti, **Kitegeeza ki okuteekerwateekerwa nga n'ensi tennatondebwa; kiri ludda wa mu Bayibuli?** Okuteekerwateekerwa nga n'ensi tennatondebwa.

113 Kale, mukwano gwange omwagalwa, leka tubikkule mu Abeefeso essuula 1 tusomeyo ekitundu kimu. Kino sirowooza nga tugenda kukirwako, okuggyako nga kinaaba tekyanukuddwa bulungi. Era leka tutandike nga tusoma wano mu Abeefeso essuula 1.

114 Kati, ekisooka, njagala ŋŋambe kino, nti *okuteekerwateekerwa* kigambo kibi eri omuweereza oku—okukikozesa mu maaso g'ekibiina ekitayigiriziddwa bulungi. Mukiraba? Kigambo kibi. Sikikozesa. Ntera okukikozesa wano mu kkanisa . . . Naye wabweru eyo mu bibiina by'abantu, ebweru eyo ebinene . . . Awabeera abantu okuva buli wamu wonna, nneegendereza obutakozesa kigambo ekyo. Bulijjo nkozesa ekigambo *okumanyirwawo*, kubanga okuteekerwateekerwa kubaawo lwa kumanya kwa Katonda okw'ebintu nga tebinnabaawo. Katonda nga bw'ataliiko kkomo mu kumanya, olw'okumanyirawo ebintu nga tebinnabaawo Yamanya buli kimu, bw'Aba teyabimanya kitegeeza aliko ekkomo mu kumanya. Mukiraba, mukiraba? Yamanya ebyali bigenda

okubaawo. N'olw'ekyo okumanyirawo ebintu nga tebinnabaawo Yasobola okubiteekerateekera. Eyo y'ensonga lwaki nzikiriza nti Katonda—nti Katonda tamala ga . . .

115 Nga omukka gw'ossa; sikkiriziganya na wa nzikiriza y'Abajulirwa ba Yakuwa ku ndowooza eyo egamba nti omukka gw'ossa gwe mwoyo gwo. Tekisoboka. Mukiraba? Omwoyo gwo guli mu mutima gwo. Mukiraba? Era omwoyo gwo wagufuna to—tonnaba na kujja mu nsi. Katonda yagamba Yeremiya nti Yamumanya, era n'amutukuza, n'amuteekawo okuba nnabbi eri eggwanga—eri amawanga bwe yali tannabumbibwa mu nda ya nnyina (mukiraba?), Yeremiya 1:4.

116 Kaakti mulabeeyo. Kale tukiraba nti ebintu bino byonna byamanyibwa nga tebinnabaawo. Emyaka lusanvu mu kkumi n'ebiri nga Yesu tannazaalibwa—nga Yokaana tannazaalibwa, Isaaya yamulaba mu kwolesebwa, n'agamba nti y'eddoboozi ly'oyo akaabira mu ddungu—emyaka lusanvu mu kkumi n'ebiri nga tannabaawo. Okuva mu lusuku Adeni, Yesu Kristo, nga n'ensi tennatondebwa . . .

117 Kino kya . . .? Leka tukisome. Abeefeso 1, leka tutandikire ku ssuula 1 tu—manya olunyiriri 1.

> *Pawulo, omutume* . . . (Kati mwekkaanye engeri gy'akireetamu. Enkola ya Pawulo eno njaagala nnyo. Pawulo mmwagala nnyo, mmwe temumwagala? O yali muweereza wa Kristo ow'ekitalo. Kaakati mulabeeyo.)
>
> *Pawulo, omutume wa Yesu Kristo olw'okwagala kwa Katonda, eri abatukuvu abali mu Efeso, ne . . . abakkiriza mu Kristo Yesu.*

118 Weetegereze, kino tekiwandikirwa nsi; kino tekiwandikirwa muntu ali wabweru. Kino kigenda eri Kkanisa eri mu Yesu Kristo (ha, ekyo si kirungi nnyo?), Ekkanisa eri mu Yesu Kristo. Ekyo . . . Kati oyingira otya mu Yesu Kristo? Ku bw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu. Kati—ntya . . . Era—era kino akiwandiikira bantu abajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu (mukiraba?), si abo ab'ebweru.

> *Ekisa kibeerenga gye muli, n'emirembe, ebiva eri Katonda Kitaffe, ne Mukama waffe Yesu Kristo.*
>
> *Yeebazibwe Katonda* Kitaffe—*Katonda era—Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, eyatuwa omukisa* mu bifo eby'omu ggulu—*emikisa egy'omwoyo mu bifo eby'omu ggulu mu Kristo!*

119 Ha, bannange! Temwandyagadde okugabana ku gimu ku mikisa egyo? Kati nno, gye tugabanako. Mazima ddala! Ye Mwoyo Mutukuvu y'omu. Yagamba nti kati, nga bwe mutudde awamu mu bifo eby'omu Ggulu *mu* Kristo Yesu, Katonda atuwadde emikisa *gyonna* egy'omwoyo, Mwannyinaffe Rose. Nzikiriza—nti—ekyo . . . Luli na—nneerabira erinnya lyo.

Kirabika wali mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa oba ekintu bwe kityo. Era nzi—nzijukira nga ngezaako okukirowoozaako oluvannyuma, ne—naye erinnya lyo ye ggwe Rose Austin, si bwe kiri? Nziju-. . . Wateranga okujjanga wano mu kkuŋŋaaniro buli kiseera. Bwe kiri. Kale. Kati:

> *Yeebazibwe—Katonda wa* Kitaffe. . . *Yesu Kristo, eyatuwa buli mukisa gwonna ogw'omwoyo*. . .*gyonna egy'omwo-*. . .*mu bifo eby'omu ggulu*. . . (Leka tulabe oba kye nsoma—nkisoma nga bwe kiri.)
>
> *Yeebazibwe Katonda Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, eyatuwa buli mukisa gwonna ogw'omwoyo mu bifo eby'omu ggulu mu Kristo* Yesu: (Kaakano tukuŋŋaanye wamu mu bifo eby'omu ggulu mu Kristo Yesu.)
>
> *Nga bwe ya*. . .(Kati muwulirize! Mwenna mwetegese?). . .*Nga bwe yatulondera mu ye nga ne*. . . (Nga sinnabulira gye muli.). . .*nga n'ensi tennatondebwa,*. . .

120 Kati, mukiraba, asobola okwogera eri Ekkanisa. Ekyo tayinza kukigamba baana bawere, naye ayogera eri Kkanisa abaamala okuyingira mu Kristo. Kati, yali tayinza kumala gagenda mu kkanisa yonna wano eno n'abagamba nti, "Kale kati, *ekyo*." Akigamba Abo abalonde abali mu Kristo.

121 Kati, oyinza okugamba nti, "Naye, nange nzikiriza nti ndi mu Kristo." Bw'oba mw'oli, kitegeeza wafuna Omwoyo Omutukuvu, kubanga eyo y'engeri yokka gy'oyinza okuyingiramu mu Kristo. Abakkolinso Ekisooka 12:13 (mukiraba?)—Abakkolinso Ekisooka essuula ey'e 12. Kale. "Kubanga ku bw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu (nga gwe Mubiri gwa Kristo)." Kati! Oluvannyuma lw'ekyo tutuula wamu mu bifo eby'omu ggulu mu kukkiriziganya (Hmmm!), Omwoyo Omutukuvu nga atambula mu makkati gaffe, nga atuyigiriza, nga atulaga ebintu eby'amaanyi, ng'atuukiriza ebintu. O, nga kifo eky'ekitalo!

122 Yagamba nti, "Kati, mmwe abaayitibwa bwe mutyo, njagala kwogerako nammwe, mmwe, abalonde. Nti Katonda yatulondera mu Ye nga ensi tennatondebwa." Kirowoozeeko. Katonda yatulondera mu Ye nga n'ensi tennabaawo. Katonda yakimanya nga n'ensi tennabaawo nti ndibuulira ku ky'okuyigako kye kimu kye mbuulirako akawungeezi kano. Taliiko kkomo mu kumanya. Era ensi bwe yali tennabaawo. . . O! Hwyu! Wano, kati mufune Omwoyo Omutukuvu. Ekigambo kijja kumuleeta. Mukiraba? Bw'atyo bwe Yajja: "Peetero bwe yali akyayogera ebigambo bino Omwoyo Omutukuvu n'abakkako." Mukiraba, mukiraba?

123 Ensi bwe yali tennabaawo wali mu birowoozo bya Katonda okukuwa Omwoyo Omutukuvu, kubanga Yakimanya nti

olimwetaaga; era Yakulonda ye Mwene kubanga wayagala... Yakulondera mu Kristo nga k'abeere ggwe oba Yesu, tewali n'omu ku mmwe, y'abadde okubeera ku nsi. N'atuma Yesu afe, okuteekateeka ekkubo mw'anaayita okuweereza Omwoyo Omutukuvu, akuleete gy'Ali. Hmm! O, ekyo ki...Mmanyi nnyinza...Eno y'ekkanisa, kale wano ndi waka, mukiraba. O, ekyo kiyitirivu nnyo gye ndi. Okukirowoozaako nti si nze nnakyagala; tekwali kwagala kwange; tekyali ekyo kye nnali njagala; tekwali kusalawo kwange; ssaakirinaako kakwate konna. Naye ensi bwe yali tennatandika, Katonda yatulaba n'awandiika amannya gaffe mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'Endiga. Nga n'ensi tennabaawo! Yogera ku Katonda! Whew!

124 Nnaliko erudda eri awali ekirawuli ekyo ekinene... Osobola okulaba obukadde kikumi mu abiri obw'emyaka egy'ekitangaala. Bwe nnatunula ne ndaba ekyo (ssaafuna kakisa kulaba kuyita mu kirawuli, naye nnalaba ekifaananyi kye baakuba)—ne nnyimusa emikono gyange waggulu nga ndi munda eyo, mu kifo ekyo, ne ŋŋamba nti, “Nga Oli mukulu, nga Oli mukulu!” Kyokka nga tewali n'emu ku zi sseŋŋendo ezo eyaabadde okwetooloola (Aleeruya!), Katonda yatulondera mu Yesu Kristo. Kati, nga Oli Mukulu. Yee, ssebo!

125 Ensi bwe yali tennabaawo, sseŋŋendo bwe yali tennabaawo, enjuba bwe yali tennabaawo, omwezi bwe gwali tegunnabaawo, ekitangaala bwe kyali tekinnabaawo, bwe waali tewannabaawo kintu kyonna, bwe waaliwo Katonda yekka, Katonda n'ebirowoozo Bye, ebirowoozo bya Katonda ebitaggwaawo byakulonda olw'okuteekerwateekerwa, olw'okumanyirawo kw'ebintu nga tebinnabaawo, okumanya nti olibeera ku nsi, okumanya nti walibaawo ekibi.

126 Waliwo eyabuuza nti, “Naye kati, lwaki—ekibi lwaki kyajja?” Ekibi bwe kitandibaddewo, obusobozi Bwe obwamulimu obw'okubeera Omulokozi tebwandirabisiddwa. Waalina okubaawo omwonoonyi Asobole okubeera Omulokozi. Waalina okubaawo omulwadde Asobole okubeera Omuwonya. Amiina! Kiikyo. Bwe kityo bwe kyalina okuba. Katonda ye—ye yakiraba n'akiteekawo. Ssetaani ne mu lwokaano taliimu. O, ssetaani nkonge bukonge eri ku mabbali g'ekkubo Katonda gye yakozesa okuleeta abaana gy'Ali, nga bakaaba nti, “Abba, Kitaffe.” Ky'ova olaba ku lunaku luli Bamalayika bwe baliyimba! Bwe tuliba tuyimba emboozi ez'obununuzi, Bamalayika balikoteka bukotesi emitwe gyabwe; nga kye twogerako tebakimanyi. Mazima! Tebabulangako. Tebamanyi kye kitegeeza. Tebamanyi bwe tuwulira bulungi, okukimanya nti ffe lumu abaali aboonoonyi nga twayawulibwa ku Katonda, nga tetulina ssuubi, tetulina kusaasirwa, tetulina Katonda mu nsi ejjudde okwonooneka, nga bwe tufa, tugenda mu ggeyena ya ssetaani; naye Katonda n'akka wansi ennyo, n'atulondayo,

n'atununula; era kati tuli waggulu wa Bamalayika. Mu kaseera kano kennyini!

127 Ani akira munne? Malayika muweereza. Ffe tuli baana ab'obulenzi n'ab'obuwala. Ani asinga okulowoozebwako, muweereza wo oba mutabani wo ne muwala wo? Ha, bannange! Essaala okuva eri omutukuvu etumbiira waggulu nnyo emirundi bukadde na bukadde okusinga Malayika (yee, ssebo!), kubanga ye mwana. O, whew, ekyo kituufu, muganda wange, mwannyinaze.

128 Temu. . .Ekkanisa. . .ssikkiriza nti nga tukyali ku ludda luno olwa—olw'obutaggwaawo mulisobola okutegeera kyemuli, ne mutegeera ekifo kyammwe, Katonda mw'abatadde, mmwe abantu abajjuzibwa Omwoyo. Muli baana ba Katonda. Ate, ye Malayika muweereeza. Ggwe oli mwana! Malayika asobola kukuleetera buleetezi bubaka, naye ggwe olina okukola. Amiina! Ye ggwe okola. Ggwe mwana. Malayika muweereza wo, aliwo okukuleetera obubaka, akugambe nti, "Kwata, nkuleetedde obubaka buno okole ekintu *bwe kiti ne bwe kiti*. Buvudde wa Taata. Mbuleese gy'oli." Weewaawo. Ky'ekyo kyokka ky'ali. Amiina! Mmwe muli baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. Yatwawula dda! Kati, mwekkaanye wano katono.

> *Nga bwe ya—yatulondera*. . .(Kati, si ffe twamulonda. . .Nnandiyinzizza ntya okumulonda? Obuwumbi ebikumi bina, egy'obukadde, n'obuwumbi, n'obusiriivu bw'emyaka egiyise, nnandiyinzizza ntya okumulonda? Naye Ye yannonda. Amiina! O, Ow'oluganda Wood, ky'ekyo. Okiraba?) . . .*yatulondera mu ye nga n'ensi tennaba kutondebwa, ffe okubeera abatukuvu*. . . (Kati, togezaako kukyefuula ku bubwo, kubanga tosobola.) . . .*era abatalina kabi konna mu maaso ge mu kwagala:*

Ha, ow'oluganda, ekyo kijja kwanukula ekibuuzo kye nnalabye munda wano eno eddakiika ntono eziyise. Nnina we—nakirabye e. . .O, weewaawo.

> **Wagamba nti. . .Omuntu ayinza atya okubeera waggulu. . .okubeera okumpi ennyo ne Katonda, n'atuuka okuba nti talina kibi?**

Muwulirize kino:

> . . .*abatukuvu*. . .okuva *ng'ensi tennaba kutondebwa, ffe okubeera abatukuvu abatalina kabi mu maaso ge mu kwagala:*

129 Okwagala Kwe kwe kwakikola. Okwagala Kwe kwasasulira ebibi byange. Okwagala Kwe kwabiggyawo. Okwagala ge maanyi agasinga amaanyi amalala gonna. Bw'osanga omwami ddala ayagala mukyala we, asobola n'okumufiirira. Era okwagala kw'ab'oluganda. . .

130 Waaliwo omusajja, omusajja omu, obw'olumu atera okujja mu kkanisa eno, alina erudda eyo gy'ava. Luli yali atudde mu nnyumba ya muganda we. N'amubuuza nti "Watya ssinga wabaawo ekituuka ku W'oluganda Bill?" N'agamba nti, "N'essanyu nnandyewaddeyo mu kifo kye okukubibwa essasi ku lulwe." Mukiraba? N'afa mu kifo kyo. Okwo kwe kwagala. Tewali alina kwagala kunene kusinga kwa muntu awaayo bulamu bwe ku lwa—ku lwa muganda we. Mukiraba?

131 Okwagala, yatulondera mu kwagala nga n'ensi tennatondebwa. Kaakati mulabeeyo:

> *Bwe yatwawula edda*. . .(Kati, kiikyo ekigambo okwawulibwa.). . .*Bwe yatwawula edda okumufuukira abaana ku bwa Yesu Kristo, nga bwe—nga bwe yasiima olw'okwagala kwe.*

132 Ekyo okyogerako ki, Ow'oluganda Mike? Si kirungi nnyo? Yakwagala. Yakwagala nga n'ensi tennabaawo. Obutonde bwo Yabumanya; Obunafu bwo Yabumanya; Emize gyo Yagimanya. Yamanya buli kimu kyonna ekikukwatako, kye wali ogenda okubeera. Naye, bwe Yeetoolooza amaaso okuyita mu bwengula obunene bwonna, nga bwe bwali, n'Agamba nti, "Nkulonze." Era ekyo we Yakikolera, waali tewannabaawo yadde akatonnyeze ka—k'ekitangaala, kitegeeza nti wali ne Katonda mu butaggwaawo. Bw'ofuna Omwoyo Omutukuvu, olwo ofuuka ataggwaawo, kubanga obeera olina—obeera ne Katonda, obeera kitundu ku Katonda. Mulaba kye ntegeeza? Obeera wa butaggwaawo nga Katonda bw'ali, kubanga oli. . .

133 Ndi Branham ddala nga kitange bwe yali Branham, kubanga nva mu musaayi gwa Branham. Ndi Branham nga kitange, kubanga kitange ye yanzaala. Ndi Branham nga ye. Oli Wood, kubanga kitaawo yali Wood. Oli Wood ddala nga Jim Wood bw'ali; lwakuba nti ggwe oyitibwa Banks Wood kye kyokka. Amiina! O, bannange! Oli Neville kubanga kitaawo yali Neville. Oli Neville ddala nga bwe yali Neville. Ekitiibwa! Tuli ba butaggwaawo ddala nga Katonda bw'ali, kubanga tuli kitundu ku Katonda, tuli baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala, twafuna Obulamu Obutaggwaawo, era tetusobola kusaanawo. "Ndimuzuukiza ku lunaku olw'enkomerero."

134 Tekyewuunyisa bwe baali bateekateeka okutemako omutwe gwa Pawulo. . .Yalina okukwata ekkubo eryo ery'okufa. Yawandiikira Timoseewo ebbaluwa eyo eyasembayo, n'amugamba nti, "Nnwanye okulwana okulungi; olugendo ndutuusizza; okukkiriza nkukuumye! Ekisigaddeyo enterekeddwa engule oyo Omulamuzi Omutuukirivu gy'alimpeera ku lunaku luli, si nze nzekka naye era ne bonna abaagala okulabika Kwe."

Okufa ne kumugamba nti, "Nkukima."

N'akubuuza nti, "Empiso yo eri luuyi wa?"

Entaana n'emugamba nti, "Ŋŋenda kukufuna."

135 N'akubuuza nti, "Obuwanguzi bwo buli wa?" Naye yalina eky'okulabirako. Yatununula e Kalivaaliyo n'agamba nti, "Naye yeebazibwe Katonda oyo atuwa obuwanguzi okuyita mu Mukama waffe Yesu Kristo." Kiikyo. Hmmm! Kiteekwa okusiikuula enneewulira; kiteekwa buteekwa.

136 Obulamu bwe. . .Ekigambo kibuulirwa. Obulamu, obulamu bw'ekigambo bufuna Obulamu, era munda mu muntu muteekwa okubaamu ekikuba enduulu.

Omanyi, waliwo eyambuuza nti, "Naye Billy, kiki ekireetera abantu okusituka ne bayimusa emikono gyabwe oba ne bagamba nti, 'Mukama atenderezebwe!' oba 'Amiina!'?" Weetegereze Bayibuli ky'egamba.

137 Pawulo yagamba nti, "Bwe twogera mu nnimi ezitamanyiddwa, atali wa mwoyo anaayinza atya. . . Bw'anaaweebwa omukisa—bw'aba wa kuweebwa mukisa, anaagambya atya nti, 'Amiina'?" Mukiraba? Oteekwa okuba nga ky'oyogerako okimanyi. Ennimi ezitamanyiddwa, okuggyako bwe ziweebwa ne zivvuunulwa oba okubikkulirwa. . .Awo asobola okugamba nti, "Amiina!" bw'ategeera ekyogeddwa. Ky'ayogera abeera akimanyi. Okiraba?

138 Kaakati! Ha, bannange! Mujjukire olunaku luli omulabe lwe yalumba Dawudi. Bonna n'abawa ekibya ekirimu vviinyo ne—ne—n'omugabo ogw'ennyama n'omugaati. Naye—naye omulabe bwe yabalumba, ne batabulwa nga tebamanyi kya kukola; ne bakuŋŋaana wamu; Isiraeri yonna ne baakuŋŋaana wamu wansi w'okukomolebwa. (Kati, kino kiri wansi w'okukomolebwa kw'Abayudaaya okw'edda.) Ne bayimusa emikono gyabwe ne bagamba nti, "Ayi Katonda, ye Ggwe Katonda waffe. Otukuumyenga. Ggwe waggya Musa nnabbi, n'Oggya n'abaana ba Isiraeri e Misiri. Ggwe wabayisa mu ddungu. Bwe baali eyo mu ddungu, tewali yatya—buli omu yatya okubaako ne ky'abakola, tewali yeetantala kusemberera busika Bwo. Baali batya okubakwatako." Kyokka nga baali ba lubatu bubatu, naye buli omu yatya okubagololerako omukono gwe. Kuba buli ekyabagolokokerangako, nakyo kyagolokokerwangako. N'agamba nti, "O, nga Oli Katonda ow'amaanyi. Era kaakano, ayi Mukama, bwe tuba twonoonye. . .Bakyala baffe baabano; abaana baffe baabano; era tuli mu kaseera aka kazigizigi." N'agamba nti, "Kati, tunaakola tutya? Omulabe wuuyo ajja." N'agamba nti, "Tunaakola tutya?"

139 Baba bakyasaba Omwoyo n'akka ku omu ku baali wabweru mu kibiina, n'alagula n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, temugenda kulwana; muyimirire buyimirizi! (Amiina!) Muserengete muyite mu kkubo *lino* mubasisinkane." Era n'Abatabulatabula, ne battiŋŋana. Hmm!

Kiikyo. Yatwawula edda okubeera mu Kristo Yesu nga n'ensi tennatondebwa. Kati.

**104. Wagamba nti omuntu asobola okubeera okumpi ennyo ne Katonda n'atuuka okuba nti tayonoona nga ali wano ku nsi. Kati nnyonnyola Yokaana Ekisooka 1:8 okutuuka ku 10.**

140 Leka tulabe Yokaana Ekisooka 1:8 okutuuka ku 10. Singa nabadde n'obudde obusinga ku bwe nakozesezza okusobola okwekkaanya . . . ebibuuzo bino kwo okuba nabadde nabyo, naye saasobodde kubinoonyerezaako, ab'emikwano. Na—nabadde ngezaako ku—kufuluma . . . Naye kati, ekitabo kya Yokaana ŋŋenda kukituukako wano mu kaseera katono. Weewaawo, ki—kirina kuba ku ludda luli olulala olw'Abaebbulaniya. Kale. Yokaana Ekisooka 1:8 okutuuka ku 10—Yokaana Ekisooka 1:8 okutuuka ku 10.

> *Bwe twogera . . . tetulina kibi, twerimba fekka so nga n'amazima tegali mu ffe.*
>
> *Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa . . . ebibi byaffe, ne . . . okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu.*
>
> *Bwe twogera nga tetwonoonanga, tumufuula mulimba, so nga* n'ekigambo *tekiri mu ffe.*

141 Naye kati, lindako katono muganda wange omwagalwa. Bikkulako erudda wano eno mu ssuula ey'o 3 n'olunyiriri olw'o 9. Mu Bayibuli yange ogisanga ku lupapula lwe lumu. Leka tutandike n'olunyiriri olw'omunaana:

> *Akola ekibi wa ssetaani; kubanga okuva ku lubereberye ssetaani akola ebibi. Omwana wa Katonda kye yava alabisibwa amalewo ebikolwa bya ssetaani.* (Kyennyini kye mbadde njogerako, mukiraba, nti Katonda yakwawula, nga amanyi ky'oli.)
>
> *Buli muntu yenna eyazaalibwa Katonda takola kibi; kubanga ensigo ye ebeera mu ye: so tayinza kukola kibi, kubanga* ya—ya—*yazaalibwa Katonda.*

142 Ky'ekyo kyennyini Ekigambo kye kigamba. Kati, bwe weetegereza wano.

> *Bwe twogera nti . . . tetulina kibi, twerimba fekka so nga n'amazima tegali mu ffe.*

Kati, abantu abamu bagenda ne bagamba nti, "Naye kati, laba akawala akato kano akalungi oba akalenzi akato kano akalungi. Tekayonoonanganako." Wazaalibwa mu kibi, wabumbibwa mu butali butuukirivu, n'ojja mu nsi nga oyogera bulimba. Bw'ozaalibwa mu nsi eno, obeera mulimba, obeera mubbi, obeera buli kimu kyonna, buli kibi kyonna, tobeera mubbi, kubanga obeera tonnabba. Naye obeera—naye obeera ne . . . Tobeera mulimba, kubanga tonnalimba. Naye omwoyo ogwo gukubeeramu ng'ozaalibwa, kubanga

obeera wa nsi. Y'ensonga lwaki tosobola kuddaabululwa, buddaabululwa; olina okufa n'oddamu n'ozaalibwa. Ate tosobola kufuna kuzaalibwa awatali kukomererwa. Tosobola kufuna kuzuukira; oteekwa okukomererwa eri ebintu by'ensi okusobola okuzuukizibwa mu Kristo.

143 Bw'obeera wa kwesigama ku ntegeera yo—yo n'ebirala, tolizaalibwa Mwoyo wa Katonda. Oteekwa okwerabira, nga Pawulo bwe yakola, bwe yeerabira byonna bye yali amanyi, n'aba nga talina kintu kyonna ky'amanyi mu mmwe okuggyako Kristo Yesu, n'addamu n'azaalibwa, buggya. Ha, singa... Wano...Nyabula singa nsobola okukibalaga ne mukiraba. Mukiraba? Okuzaalibwa kwe kuvaamu omugig-...ekitonde ekipya. Ekigambo kyennyini eky'Oluyonaani ekyakozesebwa wano, nga bwe nnali nkinoonyerezaako luli mu nkuluze y'Oluyonaani, ekigambo *okuzaalibwa* kitegeeza "ekitonde." Bwe kigamba nti, "Muli—bitonde biggya mu Kristo Yesu," ekigambo ekyakozesebwa awo, *ekitonde* ky'ekigambo *ekitonde*. Oli *kitonde* kiggya, si mu nsi, wabula mu Kristo Yesu. Ozziddwa buggya.

144 Kati, wali mu nsi era wagambanga nti, ha, omanyi, ebintu amatiribona, engoye ennungi oba ekintu ekirabika obulungi. Era, "Bah!" Olina eddiini yo ku ludda wali. Okiraba? "Ha, weewaawo, nange ŋŋenda ku kkanisa. Nange ssandyagadde kugenda mu ggeyeena, naye omanyi..." Nga omuwala olina amaaso amalungi ag'emmunye eza kitaka, oba omulenzi nga olina otuviiri otutono otw'amayengo, oba nga oli, nga bwe mumanyi, nga olina ekikwegombesa, ekintu kyonna ekisobola okusikiriza abantu, oba nga olina okwegomba, oba nga onywa omwenge, oba ekintu ekirala eky'engeri eyo. Eyo y'ensi; obeera—obeera oli mu nsi. Era Bayibuli egambye nti, "Bw'oyagala ensi n'ebintu by'ensi, kitegeeza okwagala kwa Katonda n'okukubaamu tekukuliimu." N'olw'ekyo ekyo okusobola okukyeggyamu, olina kufa, olina okufa, okomererwe, era oziikibwe, oluvannyuma ozuukizibwe nga ekitonde ekiggya mu Kristo Yesu.

145 Kati, bw'oba tonnafuna Mwoyo Mutukuvu, obeera okkiriza okutuuka ku *kufuna* Obulamu Obutaggwaawo. Naye Obulamu obwo Obutaggwaawo obeera tobulina okutuusa lw'ofuna Omwoyo Omutukuvu, kubanga Ye Bulamu Obutaggwaawo. Omwoyo Omutukuvu ye Katonda; Ye Bulamu bwa Katonda nga buli mu ggwe. Olwo obeera olina Obulamu Obutaggwaawo. Ekyo kati mukitegeera? Mukiraba? Labayo! Okiraba? Obeera okkiriza okutuuka ku *kufuna*.

146 Mulindeeko, wano waliwo ekintu ekirungi. Mwe abakyala mbasaba munsonyiwe kino bwe kiba nga kiwulikika nga ekitasunsuddwa (mukiraba?)...ngezaako kulambulula nsonga etegeerekeke. Munda mu maama: mubaamu obulamu, naye era, omwana oyo aba tannazaalibwa. Naye omwana oyo

bw'omulabirira obulungi n'ogoberera amateeka g'obutonde, omwana oyo ajja kuzaalibwa nga mulamu bulungi. Naye bw'otogoberera buli kimu nga amateeka g'obutonde bwe gali, ne wabaawo ekikutuusaako ekisago, oba ekikukuba, oba—oba ne wabaawo ekibaawo, ki—ki—kijja kukosa omwana oyo (okiraba?); kijja kutta omwana oyo nga tannazaalibwa.

147 Kati, awo we wali omutawaana. Okutuusibwako ekisago okwo kuva eri Ssetaani. Ssetaani akwata obusaale obulimu obusagwa bwa ggeyeena n'agezaako okukosa Ekkanisa erumwa nga esinda okuzaala omwana. Era omwana oyo aba tannazaalibwa, ne bamutta. Naye singa okwata Bayibuli n'oliisa omwana oyo mu—n'omuwa emmere ey'abaana abawere, nga maama bw'amira zi vitamiini ez'enjawulo. . .Kati, eno ye Vitamiini esingayo obulungi gye mmanyi, Vitamiini ey'omwoyo. Mukiraba? Ekuzimba.

148 Kati, ekkanisa erina kumira Vitamiini za mwoyo; era Vitamiini ezo ziri wano wennyini, waliwo Ekitabo kiramba ekijjuddemu vitamiini ezo. Era olina okumira Vitamiini ez'omwoyo, nga bw'oyiga, olwo vitamiini ezo ne zikuza omwana okutuuka lw'azaalibwa. Mulaba kye ntegeeza?

149 Kati, omwana oyo abeera mu lubuto, bw'a—bw'a—abeera n'obulamu—a—abeera n'obulamu, kubanga obutoffaali bwe obutono bubeera butambula era nga busamba munda muli ku myezi nga esatu awo—oba ena. Kati, abeera asamba munda muli nga bw'akyukakyuka naye abeera tannazaalibwa. Naye oluba okuzaalibwa ati n'ajja mu nsi, omusawo, oba maama we oba omuntu omulala yenna, amukwata n'amuyimusa waggulu [Ow'oluganda Branham akuba mu ngalo—Omuk.] n'amukubamu akayi. "Whaah!" N'akaaba (mukiraba?), olwo n'atandika okussa. Era oluba okussa omukka ogw'obulamu, olwo nga afuuka emmeeme ennamu.

150 Era ekyo ebiseera ebimu. . .Mwetegese okufuna Omwoyo Omutukuvu? Obeera olumwa nga osinda; oyagala kuzaalibwa. Bameka abali wano nga eyo y'embeera mw'oli mu kaseera kano, nga owulira oyagala kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu, owulira oyagala kumanya kye kutegeeza, oyagala kufuna—kukuyingiramu? Bameka abaagala okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu? Muyimuse emikono gyammwe. Mukiraba? Olumwa era osinda, oyagala—oyagala kuzaalibwa. Kye weetaaga kwe kukubibwamu akayi k'Enjiri, akantu akanaakubagula bwe pwa [Ow'oluganda Branham akuba mu ngalo—Omuk.], n'oleekaana nti, "Ekitiibwa!" Era bwe kibaawo. . .mmanyi mulowooza ngudde eddalu, naye ndaba tu—tulina endowooza ya Kristo nga eyo busirusiru eri ensi. Wabaawo ekireekaana munda mu ggwe, olwo Omwoyo oyo n'awaga. Olwo n'asigala nga Akulukuta.

151 Nga bwe nnagamba omuntu omu, nti kiringa bw'okwata payipu y'amazzi enkadde eyazibikira. N'ogiyiwamu otuzzi,

n'okwata akawaya kano n'okasonsekamu bwe, "Zig, zig, zig." Amazzi agabadde gagiyitamu ne geeyongera obungi. "Zig, zig," nga ekintu ekyo ekigizibikidde tosobola kukikwatako, naye nga okimanyi nti munda eri waliyo ekyawagamirayo. Nga bw'okikoonako okiwulira; kiri munda eri awasemba. Oluvannyuma lw'akaseera n'okisikayo omulundi gumu be, "Swoosh!" amazzi ne gafukumukayo mu payipu. Bwe kityo bwe kiri. Olwo amazzi ne gasigala nga gajja. Omwoyo Omutukuvu bw'atyo bw'ali. Ekibi kyazibikira payipu. O—otuula awo n'ogamba nti, "Nze nnina ensonyi. Omanyi, ekyo siyinza kukyogera. Ntya nti abantu bajja kulowooza nti ndi mutukuvu eyeevulunga." Mukiraba? Ekyo . . .

152 Kati, bw'owulira okusika okwo okutono okw'Omwoyo . . . Nga owulira omwagala okusinga obulamu—owulira omwagala okusinga obulamu bwo. Nga akusingira buli kimu kyonna nga ogamba: "Nteekwa okumufuna oba si ekyo nfe." Okugira oti nga obaako ne ky'okwatako. Nga ogamba nti, "Ky'ekyo, Mukama." Nga osikayo ekibadde kizibikidde. Whew! Nga kivaayo! Kigenze! Ha, bannange! Oli wa ddembe! Oooo! Bannange, awo ssifaayo oba Pulezidenti Eisenhower abeera atudde wano. Mmugamba kimu nti, "Ekitiibwa kibe eri Katonda, Omusaayi Gwe gujja kukulokola."

153 Peetero ne banne baali munda eyo ku lunaku lwa Pentekoote nga beekwese, bagamba nti, "Lingizaako mu luggi mpola mpola, olabe oba waliyo Omuyudaaya yenna ajja."

"Nedda. Ssirabayo n'omu."

"Kale, kati musirike, bannange, mbabuulira, singa bambuka waggulu eno, bajja kutusikambulayo. Tewali kirala. Kale musirike."

154 Nga bonna bali awo batudde, amangu ago ne wajja okuwuuma okuva mu Ggulu nga empewo ey'amaanyi. Ne kutandika okujjuza ennyumba yonna mwe baali batudde. Ne wabaawo ekyatandika okubaawo. Baabali ne bafuluma ekizimbe; enzigi ne baziggula, ne bakkirira amadaala ne bayingirawo nga batagala nga ekibinja ky'abasajja abatamiivu wansi w'amaanyi ag'Omwoyo, nga bwe baleekaana n'okuwoggana.

155 Ne bagamba nti, "Bano abasajja batamidde. Bawulire. Laba omutiitiizi oyo eyali alingiza mu luggi, eyeegaana Yesu mu kiseera kiri bwe yali akomererwa. N'agamba nti, 'Nze simumanyi na kumumanya.' Akawala akato ne kamugamba nti, 'Kati nno enjogera yo ekuliddemu olukwe. Oli omu ku bo.'" N'agamba nti, "N'alayira, n'agamba nti, 'Ssimumanyi.'"

156 Naye ekyo ekyali kizibikidde bwe kyamuggyibwamu, Omwoyo n'atandika okumukulukutiramu, yagamba nti, "Mmwe abasajja ab'omu Buyudaaya, nammwe abatuula mu Yerusaalemi, mutegeere kino era muntegere amantu

mumpulirize. (Amiina!) Nze boosi. Mutegeere kino nti; bano tebatamidde. (Nga ayimirira ku lw'ekkanisa ye.) Bano tebatamidde nga bwe mulowooza, kubanga eno y'essaawa ey'okusatu ey'emisana, naye kino kye kiri ekyayogerwa nnabbi Yoweeri nti: 'Awo olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, bw'ayogera Katonda, Ndifuka Omwoyo Wange ku bonna abalina omubiri . . .'" Um-m-m, nga njawulo ya maanyi! Whew! Bannange, nkimanyi muyinza okuba mulowooza nti kino nga kintu kya ntiisa, naye nze—nze—nteekwa okulaga Amazima mugalabe. Munywerere ku Mazima ago.

157 Kati, mazima ddala, obeera olina Obulamu Obutaggwaawo.

158 Kaakati, okunnyonnyola kino. Kino, kigamba . . . "Bwe tugamba nti tetwonoonangako ('Bonna baayonoona ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda') Katonda tumufuula omulimba." Yagamba nti wayonoona. Bw'ogamba nti toyonoonanga . . .

159 "Nze na—nnazaalibwa mu kkanisa y'Ababaputisiti, nnazaalibwa mu kkanisa y'Abamesodisiti, nnazaalibwa mu kkanisa y'Abapentekoote, nnazaalibwa mu kkanisa y'Abapulesibeteriyani; nnazaalibwa . . ." Ekyo tekirina yadde n'ekimu kye kikyusa, olina okuddamu ozaalibwe okuva mu kkanisa eyo. Bwe kiri. Bwe tugamba nti tetwonoonanga, tumufuula mulimba. Era Ekigambo, nga ge Mazima . . . Bameka abakimanyi nti Ekigambo ge Mazima? "Ku lubereberye waaliwo Kigambo . . . era Kigambo n'afuuka omuntu, Kigambo . . ." "Batukuze, Kitange, okuyita mu Mazima. Ekigambo Kyo ge Mazima." Era Ye yali Kigambo. Mukiraba? "Kitegeeza Ekigambo, oba Kristo, mu ggwe taliimu." Ye yali Kigambo. Ekyo bameka abakimanyi? Mukiraba? Kale.

160 Kati tugenda kukisoma bwe tuti nti: "Bwe twogera nga tetwonoonanga, tumufuula omulimba, era Kristo taba mu ffe." Okiraba, okiraba? Kati, ekyo, olaba, kibaawo bw'ogamba nti wayonoona . . . nti toyonoonanga, obeera mukyamu. Olina okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri.

161 Kati, tugenda kukyuka tudde ku lunyiriri luno olulala. "Oyo . . . Buli muntu yenna eyazaalibwa Katonda tayonoona, takola kibi, ku . . ."

162 Kati ekibi kye kiki? Ani oyo, akyogedde awo? Butakkiriza. Ekyo Bayibuli ky'egamba. Waliwo ekibi kimu kyokka, era nga ekyo bwe butakkiriza. Bwe kiri. "Atakkiriza nga gumaze okumusinga." Mukiraba? Kale tu, waliwo ekibi kimu.

163 Kati, singa ogamba nti, "Naye kati, sooka olindeko. Nzikiriza ob'olyawo baafuna Omwoyo Omutukuvu mu ngeri eyo mu biro biri, naye ssikkiriza nti ne leero bwe kiri."

164 "Naye, ow'oluganda, Bayibuli egamba nti, 'Ekisuubizo kiri eri mmwe n'abaana bammwe.'"

"Nkimanyi, naye. . ." Olwo oyonoona. Awo mu ekyo kyennyini obeera oyonoona. Obeera tokkiriza Katonda bye yayogera.

"Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna."

165 "Naye, nedda, ffe tuyigirizibwa nti. . ." Ssifaayo kiki kye muyigirizibwa. Bayibuli egamba—Yagamba nti, "Leka buli kigambo kya muntu bubeere obulimba naye Ekyange gabeere amazima." Kale.

Ogamba nti, "Kale, Ye—okutwaliza awamu Aba bumu, naye nze si. . .Ky'otegeeza Aba bumu?"

"Weewaawo, ali mu Kkanisa akola ebintu bye bimu bye Yakola bwe Yali wano."

166 "Ha, ekyo ssisobola kukikkiriza." Obeera oyonoona. Obeera oyonoona. Naye oyo eyazaalibwa Katonda, eyazaalibwa Omwoyo Omutukuvu, tayogera bintu bya ngeri eyo. Era bw'agamba nti alina Omwoyo Omutukuvu ate n'ayogera eby'engeri eyo, obwo bwe bukakafu obulaga nti tamulina. Ssifaayo kiki kye yakola. Bw'aba takkiririza mu kuwonyezebwa okuva eri Katonda, nga takkiririza mu Maanyi ga kuzuukira, takkiririza mu Mwoyo Mutukuvu kubeera nti akyatufukibwako mu ngeri y'emu nga bwe Yafukibwa mu mulembe ogwasooka, nti ye Katonda y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna, era ebintu bye bimu abatume bye baakola weebiri bikolebwa mu kaseera kano kennyini, okwogera ennimi, n'okusanyuka, n'ebirala byonna; ebyo bw'aba tabikkiriza, tazaalibwa Katonda. Kubanga buli muntu azaalibwa Katonda takola bintu bya ngeri eyo. Kw'ekyo kw'otegeerera oba nga yazaalibwa Katonda.

167 Bw'ogenda eri omuntu n'omubuuza nti, "Dokita Ph. *Gundi*, Levulandi Dokita *Gundi* (ebitiibwa ebyo weewaawo birungi, singa nange mbadde nabyo, nga nnina ddiguli ezo), naye ddala okuwonyezebwa okw'Obwakatonda kusaanye okugenda mu maaso nga kukolebwa mu kkanisa ng'abatume bwe baakola?"

"O, nedda, nedda!" Abeera ayonoona. Abeera si mukkiriza. Ddala bwe kiri.

168 Singa omubuuza nti, "Okkiriza nti tukyafuna Omwoyo Omutukuvu nga bwe baamufuna wano? Nnina wano mu Bayibuli we nnali nsoma mu kitabo ky'Ebikolwa by'Abatume 2 Awagamba nti baali. . .Omwoyo Omutukuvu n'abakkako, ne batagala nga abatamidde, ne bafuluma ebweru ne boogera mu nnimi z'abantu bano, n'ebintu ebiringa ebyo; ne beeyisa nga abatamiivu, era ab'ekkanisa baalowooza nti baali batamidde. Ffe leero bwe tufuna Omwoyo Omutukuvu mu kkanisa y'Ababaputisiti, mu Babaputisiti baffe, ne mu Bamesodisiti baffe, ne mu Bapulesibeteriyani baffe, n'abalala bonna, si—ekyo siraba bwe kitubaako."

"Kati, leka nkunnyonnyole, mwana wange, ekyo kyali kya bali ekkumi n'ababiri bokka." Abeera ayonoona. Tazaalibwanga Mwoyo wa Katonda, kubanga Bayibuli egamba nti, "Oyo eyazaalibwa Omwoyo wa Katonda tayinza butakkiriza. Naye mukkiriza, era tasobola ku. . ." Lwaki? Lwaki? O, kiikino. Ejjiba liri munda mu ye, limukulembera. Kubanga Omwoyo wa Katonda ali mu ye, era tasobola kumwegaana; tasobola. Bw'aba Mwoyo wa Katonda, Katonda tayinza kwegaana Kigambo kye. Bwe nneegaana ekigambo kyange, nfuuka mulimba. Kati—kati naawe bw'ogamba nti olina Omwoyo wa Katonda naye ate n'osambajja Ekigambo kya Katonda, kitegeeza Katonda ye mulimba oba ggwe mulimba, omu ku mwembi. Naye Bayibuli egamba nti, "Leka buli kigambo kya muntu bubeere obulimba naye Ekyange gabeere Amazima." N'olwekyo omuntu eyazaalibwa Omwoyo wa Katonda tayinza butakkiriziganya na Kigambo kya Katonda; ateekwa kugamba nti Kituufu. Tasobola kukola kintu kirala kyonna. Hwyu! Gano—gano ge Mazima.

169 Muwulirize, kino leka nziremu nkisome.

*Buli muntu yenna eyazaalibwa Katonda tayonoona; kubanga ensigo. . .*

170 Ensigo ya Katonda kye kiki? Ky'ekisuubizo Ibulayimu kye yalina, ensigo, eri ensigo. Kati ensigo kye kiki? Ye Kristo. Kristo y'Ensigo ya Katonda? Olwo aba Nsigo y'ani bw'ataba nsigo ya Katonda? Kale, kale. Ye Nsigo ya Katonda.

171 Ensigo ya Katonda ebeerera mu ye. Omwoyo Omutukuvu ajja kubeererawo ddala, si kubeerawokko okuva ku lukuŋŋaana olumu okutuuka ku lulala, wabula okubeererawo ddala emirembe egitaggwaawo. Kati, bwe muba mwandyagadde okuwandiika Ekyawandiikibwa kino, Abaefeso 4:30: "Temunakuwazanga Omwoyo Omutukuvu wa Katonda eyabateesaako akabonero okutuusa ku lunaku olw'okununulibwa kwammwe." Ensigo ya Katonda ebeerera mu ye, era tasobola kwonoona, kubanga yazaalibwa Katonda. Tasobola butakkiriza Kigambo kya Katonda.

172 Kati, bw'olaba omuntu atakkiriziganya na Kigambo kya Katonda nga agamba nti, "Ha, ekyo kyali kya mulembe mulala," nga ekisuubizo kiri eri buli yenna ayagala leka ajje, jjukira kimu, nti omuntu oyo si mukkiriza era si wa Katonda.

Ndowooza tukome wano, si bwe kiri? Essaawa ziri mmeka? Ha, bannange! Nnina—ni—mbadde—ssaagala kukomawo wano ku Ssande. Ne bino leka mbiyitemu mangu nnyo, nnyo, ddala. Nsobola? Kirungi nnyo. Mmwe temulaba nga kirungi? O, Ekigambo kya Katonda. Kale.

**Ow'oluganda Branham, omuntu ateekwa kukola ki. . .** Ekyo leka nkisembyeyo, leka nsooke kino.

**105. Tuliba tufaanana tutya mu kuzuukira?**

173 Tulifaanana nga bwe twali tufaanana bwe twaziikibwa. Ky'ekyo kyennyini, okuzuukira . . . Kati—kati sooka olowooze ku kino. Ekitabo *kino* singa kigwa wansi, ne nkwata ekitabo *kino* eno, ekitabo eky'enjawulo, ne nkiteeka mu kifo kya kiri. Okwo tekuba kuzuukira. *Okuzuukira* kwe "kuggyayo ekintu ky'ekimu ekyaziikibwa." Yesu yazuukira? Baasobola okumutegeera nga Azuukidde? Yayimirira nabo, nga ye Yesu y'omu? "Era Yesu y'omu oyo abaggyiddwaako okutwalibwa mu ggulu, alikomawo nate mu ngeri y'emu nga bwe mumulabye nga agenda mu ggulu." Okuzuukira kuli nti bw'ofa; era bw'ozuukira. Ofa nga omuntu mu mubiri; n'ozuukira nga omuntu mu mubiri. Ky'ekyo kyennyini. Kati n'okuzuukira bwe kutyo bwe kuli. Ekyo tusobola okukimalako essaawa endala bbiri, naye leka tuleme kukitandikako.

**106. Nnyonnyola Abaebbulaniya 4 olw'o 6** (Leka tubikkuleyo mangu nnyo ddala, kino tukyanukule mu bwangu obw'ekitalo.) **okigeraageranye n'Abaebbulaniya 10:26—Abaebbulaniya 6 olw'o 4.** (Munsonyiweko, 6:4, ne 10:26. Leka tulabe, 10:26; kale, nzifunye wano wennyini. Mukiraba?)

> *Kubanga abo abaamala okwakirwa, ne balega . . . ku* birabo eby'omu *ggulu, ne bafuuka abassa ekimu mu Mwoyo Omutukuvu,*
>
> Nga baalega *ku kigambo ekirungi ekya Katonda, ne ku maanyi ag'emirembe egigenda okujja,*
>
> *Ne bagwa okubivaamu . . . okubazza obuggya olw'okwenenya; nga beekomererera bokka omulundi ogw'okubiri Omwana wa Katonda, . . . ne bamukwasa ensonyi mu lwatu.*

174 Ekyo kigenda mu maaso ne kikubuulira . . . Kati mulabeeyo. Ekyo nnakinnyonnyola ekiro kya luli. Bameka abaaliwo nga nkinnyonnyola? Kale, kati mumanyi kye kitegeeza. Mulabeeyo, abo be bakkiriza ab'oku nsalosalo.

175 Bameka abaali basomye mu Ekyamateeka 1, abakessi we baagenda ne baayingirira ddala munda ne balega ku bintu by'e Kanani, nga Kanani si ky'ekifaananyi ky'okufuga okw'Emyaka olukumi. Ekyo bameka abakimanyi? Kye mugamba, waliyo omukono gwa muntu omu yekka y'akimanyi? Junie. Kale ekyo bwe kiri. Kanani si kifaananyi kya kufuga okw'Emyaka olukumi, kubanga baalina entalo, okulwanagana, okuttiŋŋana, n'ebirala mu Kanani. Yali eyoleka Mutukuvu—Kanani kifaananyi kya Mwoyo Mutukuvu. Misiri y'ensi gye baava. Eddungu yeeyo mwe baaloongesezebwa, nga Ekkanisa eyitiddwa okufuluma. Kanani yeeyo gye baasenga n'Omwoyo Omutukuvu (mukiraba, mukiraba?), kubanga baasigala bakyalina entalo. Era bw'oba tokkiriza nti olina entalo, ggwe ojje ofune Omwoyo Omutukuvu.

176 Obeera okola ki? Obeera okola ki e Kanani? Baali batwala obwannannyini bw'ebyo ebyabwe. Ekitiibwa! Baali batwala obwannannyini bw'ebyo ebyabwe. Era baali tebasobola kutwala bwannannyini bw'ebyo ebyabwe okutuusa lwe baayingira mu Kanani. Mu ddungu tebaalina kintu kyonna. Naye, bwe bajja mu Kanani, baalina bye balinako obwannannyini. Naffe tulina ebintu bye tulinako obwannannyini. Bw'ofuna Omwoyo Omutukuvu, obeera mu Kanani. Olina okubirwanirira; buli yinci ya ttaka olina okugirwanirira. Yee, ssebo! Y'ensonga lwaki abantu bagamba nti, "Ow'oluganda Branham, leero nsabiraako."

"Kale, tujja kulaba..."

Ojje oyingire mu Kanani, ow'oluganda, olitegeera w'ogwa. Olabe ensaba bw'etandika okukyuka. Yee, ssebo! Ojja kugamba nti, "Labayo eno ggwe, Ssetaani. Kino kyange! Nze nkirinako obwannannyini! Bw'atyo Katonda bwe yagamba! Vvaawo! (Bwe kiri, bwe kiri!) Vva ku ttaka lyange!" Mukiraba?

Ssetaani akubuuze nti, "Ettaka lyo?"

"Nnina ekyapa ekiraga nti nze ndirinako obwannannyini. Vvaawo! Tolirinaako bwannannyini, ŋŋenda kukuweereza okulabula nga nkozesa Omwoyo Omutukuvu." Avaawo. Ddala, ateekwa buteekwa okuvaawo.

177 Kaakati, kati, abo abaalega ku birabo eby'omu Ggulu, kati mulabeeyo wano:

> ...*bwe tugenderera okwonoona*...(essuula ey'e 10, luno nsoma olunyiriri olwa 26 olw'essuula ey'e 10.)...*bwe tugenderera okwonoona nga tumaze*... *okuweebwa okutegeera amazima, tewasigaddeeyo nate ssaddaaka olw'ebibi,*

178 Kati, olunyiriri olumu lwogera ku kukiregako bulezi, ate olulala lwogera ku kukiweebwa, n'okukitegeera. Kati bw'oyonoona (nga kye kiki?), obutakkiriza. Kaakati, mwekkaanye ennyiriri zino zombi bwe zisoma. Mukiraba? "Bw'ogaana kagenderere okukkiriza nga omaze okuweebwa okutegeera amazima..." Kati muleke...Musooke mulindeko, leka nkibikkule wano.

> *Ne* tugwa *okubivaamu,* okwezza *obuggya*...

> ...*tekiyinzika era abo abaamala okwakirwa, ne balega* ku birabo ebirungi *eby'omu ggulu,*... (Baalega. Mukiraba?)...*ne bafuuka abassa ekimu*... (Mukiraba?)...*mu Mwoyo Omutukuvu,*

> *Ne balega ku kigambo ekirungi ekya Katonda, ne*... *amaanyi ag'emirembe egigenda okujja,*

179 Era agenda mu maaso wansi wano n'agamba nti bw'obeera awo nga ssere, nga enkuba bw'etonnya bulijjo ku nsi emirundi emingi; bw'obeera awo nga ssere, Omwoyo Omutukuvu n'akka,

era ha bannange, naawe n'omunyumirwa nga abalala; naye ku kikwata ku kugolola omukono gwo omufune, oba okugenda mu maaso, okolere Mukama, obeeko ne ky'okola ku nsonga eyo, nedda, nedda, ekyo tosobola kukikola. Okiraba? Kati ekyo kiraga nti Omwoyo wa Katonda mu ggwe taliimu. Okiraba? Kati ku nkomerero ya byonna omaliriza weggyeemu. "Enkomerero yaayo kwokebwa."

180 Naye ate erudda wano eno, bwe tutakkiriza...Kati, ekibi kye kiki? Butakkiriza. Ekintu ekyo bwe kikutegeezebwa, naye ate mu bugenderevu n'okikuba amabega n'ogamba nti, "Uh-uh, ssaagala kuba na kakwate konna konna," nga omaze okukiraba, kiba tekiriddamu kuyita mu mutima gwo. Ebibyo biba biwedde; bwe kiri. Obeera—obeera oyonoonye ekiseera kyo eky'ekisa ne kigwaayo. Okiraba?

> *Kubanga bwe* tugaana *kagenderere* okukkiriza... (Kati, mu Bayibuli yange nnakisazaako omusittale wano, kiriko e—ennyukuta "m," mu—mu musittale ogw'ebigambo ebijulizibwako wano, waliwo ebigambo: ekibi, okugaana kagenderere okukkiriza. Mukiraba, mukiraba?) ...*bwe tugenderera okwonoona nga tumaze*...*okuweebwa okutegeera amazima, tewasigaddeeyo nate ssaddaaka* olw'ekibi, (Bw'otambula n'ogenda n'ogaana Katonda mu bugenderevu nga byonna bikoleddwa, era Katonda abikuwadde. Okiraba?)
>
> *Wabula okulindirira n'obuti omusango n'obukambwe obw'omuliro, ogugenda okwokya* omulabe.
>
> *Oyo eyanyooma amateeka ga Musa yafa awatali kusaasirwa olw'abajulirwa ababiri oba basatu:*
>
> ...*mulowooza mutya, okubonerezebwa oyo kw'alisaanyizibwa*...*kulyenkana wa,* eyalinnyirira *ddala Omwana wa Katonda, n'alowooza*...*endagaano, ogwamutukuza, obutaba mutukuvu, ne*...*n'agirira ekyejo* emirimu *gy'ekisa?* (O, bannange!)

181 Kiriba kitya? Omubuulizi, omuweereza, leka tukozese... Nga bwe ndi mubuulizi, leka tugambe nti mubuulizi. N'atambula n'ajja wano, n'ajja mu maaso wano, n'ayatula Kristo, obulamu bwe ne bulongoosebwa, nga takyatambulira mu bwenzi na bintu bya ngeri eyo, nga atambulira mu bulamu obulungi obulongoofu, n'ajjanga wano; nga ekisa kya Katonda kirungi gy'ali, ne yeeyongera mu maaso n'atuuka okutegeera Omwoyo Omutukuvu (mukiraba?), ne yeeyongera mu maaso, Katonda n'amukulembera okutuukira ddala ku kutegeera Omwoyo Omutukuvu, era n'amulaba, naye n'agamba nti, "Kati, sooka olindeko. Ekyo ekkanisa yange teyinza kukikkiriza. Uh-uh. Ekyo sisobola kukikola. Bajja kungoba. A—akakiiko kajja—kajja kungoba. Bwe wanaabaawo olukuŋŋaana

lw'abaweereza olunaddako, bajja kungoba mu kkanisa." Waba tewakyasigaddeyo ssaddaaka ya kibi, kubanga abeera addidde Omusaayi gwennyini ogwamutukuza era ogumutuusizza wano waali, n'atuuka okutegeera Amazima, n'agubala nga ogutali mutukuvu era n'agulinnyirira wansi w'ebigere bye, oluvannyuma lwa Katonda okumukulembera ddaala ku ddaala okutuusa bw'atuuse wano ku Mwoyo Omutukuvu.

182 Oyinza okuŋŋamba nti, "Ha, sooka olindeko, Ow'oluganda Branham." Lindako katono! Ekyo omwoyo omulabe gwa Kristo gujja kukikola. Emitwe gyabwe egyo ebiri mwali mugyetegerezza? Yuda Isukalyoti yali ani? Yali ssetaani! Bayibuli egamba yali mwana wa kubula. Okubula kye kiki? Ggeyeena. Ye mwana wa ggeyeena, yava mu ggeyeena era n'agenda mu ggeyeena. Ate Yesu Kristo ye yali Omwana wa Katonda, yava mu Ggulu, era n'addayo mu Ggulu. Bombi bwe baafiira ku—ku misaalaba. . . Ye-. . . Mubadde mukimanyi nti Yuda yafiira ku musaalaba? Ekyo bameka abakimanyi? Yafiira ku muti. Ne Yesu yafiira ku muti. Lwakuba gwo gwali gwatemwa, y'enjawulo yokka eriwo. "Akolimiddwa oyo afiira ku muti." Naye yava mu ggeyeena. Era mulabe kye. . . Kati bw'aba yasobola okusensera ne yeerimbika mu kkanisa. . . N'olwa leero ogwo gwe mutendera gw'asobola okutuukako. Mulaba bw'asobola okulimba? Kati, Yuda yajja. Kiki kye yali? Yali muwanika, ow'oluganda, alina obuvunaanyizibwa bw'akola mu kkanisa, ye yali omuwanika mu kkanisa, n'agenda mu maaso, n'akkiriza Mukama waffe Yesu Kristo, n'aggyibwak-. . .

59-1223 Ebibuuzo n'Okuddibwamu Kwabyo
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky’obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky’awaka nga eky’omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky’okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky’okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw’ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org